

Ekitabo Ekiyitibwa Ebyabaleevi

Etteeka ery'Ekiweebwayo Ekyokebwa

¹ Awo MUKAMA n'ayita Musa,
n'ayogera naye ng'asinziira mu Weema
ey'Okukunjaaanirangamu. N'amulagira
nti, ² "Yogera n'abaana ba Isirayiri
obagambe nti, 'Omuntu yenna mu mmwe
bw'aneeteesanga okuleeta ekiweebwayo eri
MUKAMA, anaaleetanga ekiweebwayo kya nte
ng'agiggya mu kiraalo kye, oba endiga oba
embuzi ng'agiggya mu kisibo kye.'

³ "Ekiweebwayo bwe kinaabanga
ekiweebwayo ekyokebwa* nga kiva mu
kiraalo ky'ente, anaawangayo seddume etaliiko
kamogo. Anaagyereeteranga n'agiweerayo
ku mulyango gwa Weema ya MUKAMA
ey'Okukunjaaanirangamu, kiryoke kikkirizibwe
eri MUKAMA. ⁴ Omuntu aleese ekiweebwayo
ekyo ekyokebwa anaakwatanga omutwe
gwakyo, era kinakkirizibwanga ku lulwe kiryoke
kimutangiririre olw'ebibi bye. ⁵ Seddume eyo
anaagittiranga mu maaso ga MUKAMA; era

* ^{1:3} ekiweebwayo ekyokebwa Ebika by'ensolo bisatu bye
byaweebwangayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa, okusinzi-
ira ku mbeera y'omuntu awaayo ssaddaka: ente sseddume
yaweebwangayo abantu abagagga; endiga n'embuzi (lunny 10)
n'ebinyonyi (lunny 14) byaweebwangayo abantu abaavu (5:7;
12:8)

batabani ba Aloonni, bakabona, banaddiranga omusaayi gwayo ne baguwaayo eri MUKAMA nga bagumansira ku kyoto okwebungulula enjuuyi zonna ez'ekyoto ekiri awo okumpi n'omulyango gwa Weema ya MUKAMA ey'Okukunjjaanirangamu.⁶ Awo ekiweebwayo ekyo ekyokebwa anaakibaagangako eddiba, n'akitemaatemamu ebifi.⁷ Batabani ba Aloonni, kabona, banaakumanga omuliro mu kyoto, ne batindikira bulungi enku ku muliro ogwo.⁸ Awo batabani ba Aloonni, bakabona, banaategekanga bulungi ebifi ebyo, nga n'omutwe n'amasavu babitaddeko; banaabissanga ku nku ezikoledde omuliro ku kyoto.⁹ Eyaleese ekiweebwayo ekyo anaanaazanga n'amazzi eby'omu lubuto n'amagulu; ebyo byonna kabona anaabyokyanga ku kyoto ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

¹⁰ "Ekinaaleetebwanga okuba ekiweebwayo ekyokebwa bwe kinaavanga mu kisibo, oba ndiga oba mbuzi, omuntu oyo anaawangayo ennume etaliiko kamogo.¹¹ Anaagittiranga ku luuyi olwakkono olw'ekyoto mu maaso ga MUKAMA, era batabani ba Aloonni, bakabona, banaamansiranga omusaayi gwayo ku njuyi zonna ez'ekyoto okukyebungulula.¹² Anaagitemaatemangamu ebifi; era kabona anaategekanga bulungi ebifi ebyo, nga n'omutwe n'amasavu abitaddeko, n'abissa ku nku ezikoledde omuliro ku kyoto.¹³ Eyaleese ekiweebwayo ekyo anaanaazanga n'amazzi eby'omu lubuto n'amagulu; ebyo byonna

kabona anaabiwangayo, n'abyokya ku kyoto, nga kye kiweebwayo ekyokebwa ekyokeddwa mu muliro, ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

¹⁴ "Ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA bwe kinaabanga eky'ennyonyi, omuntu anaaleetanga ekiweebwayo eky'amayiba oba eky'enjiibwa ento. ¹⁵ Kabona anaaleetanga ennyonyi eyo ku kyoto n'aginyoola omutwe n'agukutulako, n'agwokya ku kyoto; omusaayi gwayo anaagukenenuliranga mu mbiriizi z'ekyoto. ¹⁶ Anaagiggyangamu ekisakiro kyayo n'ebikirimu, n'akisuula ku ludda olw'ebuvanjuba olw'ekyoto mu kifo awayiyibwa evvu. ¹⁷ Anaagikwatanga ebiwaawaatiro n'agiyuza; kyokka taagiryebulirengamu ddala. Anaagyokeranga ku nku ezikoledde omuliro mu kyoto; nga kye kiweebwayo ekyokebwa ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

2

Etteeka ery'Ekiweebwayo eky'Empeke

¹ "Omuntu yenna bw'anaaleetanga eri MUKAMA ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke; empeke anaamalanga kuzisa, n'aleeta obuwunga obulungi. Anaabufukangako amafuta ag'omuzeeyituuni, n'ateekako n'obubaane, ² n'alyoka abuleetera batabani ba Alooni, bakabona. Kabona anaayoolanga olubatu lw'obuwunga obulimu amafuta ag'omuzeeyituuni n'obubaane, n'abwokya

mu kyoto ng'ekijjukizo, nga kye kiweebwayo ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbi eddungi erisanyusa MUKAMA. ³ Obuwunga obunaasigalangawo ku kiweebwayo, bunaatwalibwanga Alooni ne batabani be, nga kye kitundu ekitukuvu ennyo eky'ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

⁴ “Bw'onooleetanga emigaati egifumbid-dwa mu oveni nga kye kiweebwayo, ginaabanga emigaati egikoleddwa mu buwunga obulungi nga mutabuddwamu n'amafuta ag'omuzeeyituuni nga tegiriimu kizimbulukusa, oba bunaabanga obusukuuti obw'oluwewere obutaliimu kizimbulukusa nga busiigiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni.

⁵ Ekiweebwayo kyo bwe kinaabanga eky'emmere ey'empeke nga kitegekeddwa ku lukalango, kinaakolebwanga mu buwunga obulungi obutaliimu kizimbulukusa nga butabuddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni.

⁶ Onookimenaamenyanga mu butundutundu, n'okifukako amafuta ag'omuzeeyituuni. Ekyo kye kiweebwayo eky'emmere ey'empeke.

⁷ Ekiweebwayo kyo bwe kinaabanga eky'emmere ey'empeke nga kyakufumbirwa mu fulampeni, kinaateekebwateekebwanga mu buwunga obulungi n'amafuta ag'omuzeeyituuni.

⁸ Onooleeteranga MUKAMA ekiweebwayo ekyo eky'emmere ey'empeke ekitabuddwa mu bintu ebyo; bwe kinaakwasibwanga kabona, ye anaakireetanga ku kyoto. ⁹ Awo kabona anaggyanga ku kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, ekitundu eky'ekijjukizo kyakyo,

n'akyokya ku kyoto, nga kye kiweebwayo ekyokeddwa mu muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. ¹⁰ Era ekinaafikkanga ku kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, Aloonni ne batabani be, be banaakitwalanga; nga kye kitundu ekitukuvu ennyo ekibalirwa ku biweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

Ekizimbulukusa n'Omunnyo

¹¹ “‘Temuleeteranga MUKAMA ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga kiteekeddwamu n'ekizimbulukusa; kubanga temuuyokyenga kizimbulukusa wadde omubisi gw'enjuki ng'ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro. ¹² Munaabireetanga eri MUKAMA ng'ebiweebwayo eby'ebibala ebiberebery, naye tebiiweerwengayo ku kyoto okubeera evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. ¹³ Ebiweebwayo byo byonna eby'emmere ey'empeke onoobirungangamu omunnyo*: tokkirizanga munnyo ogw'endagaano ne Katonda wo okubula mu biweebwayo byo eby'emmere ey'empeke; mu biweebwayo byo byonna ossangamu omunnyo.

¹⁴ “‘Bw'onooleetanga eri MUKAMA ebiweebwayo eby'ebibala ebiberebery, eby'emmere ey'empeke, binaabanga ebirimba ebibisi ebiberebery, eby'emmere ey'empeke nga bibetendedwa era nga byokeddwako mu muliro. ¹⁵ Onoobifukangako

* **2:13** omunnyo Omunnyo guyamba emmere obutavunda.

amafuta ag'omuzeeyituuni, n'obiteekangako n'obubaane; ekyo nga kye kiweebwayo eky'emmere ey'empeke. ¹⁶ Awo kabona anaggyanga ku kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, ekimaze okubetentebwa nga mulimu amafuta ag'omuzeeyituuni n'obubaane, ekitundu eky'ekijjukizo kyakyo, n'akyokya; ekyo nga kye kiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro.

3

Etteeka ery'Ekiweebwayo olw'Emirembe

- 1 “Omuntu bw'anaaleetanga ekiweebwayo olw'emirembe eri MUKAMA, ekiweebwayo ekyo nga kya nte nnume oba nkazi gy'aggye mu kiraalo kye, ente eyo tebeerengako kamogo.
- 2 Omuntu aleese ekiweebwayo ekyo anaak-watanga omutwe gwakyo n'akittira ku mulyango gwa Weema ey'Okukujnjaanirangamu; batabani ba Aloonni, bakabona, ne balyoka bamansira omusaayi ku kyoto okukyebungulula.
- 3 Omu ku bakabona anaggyanga ebintu bino mu kiweebwayo olw'emirembe ekireeteddwa nga kyokeddwa mu muliro, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA; anaawangayo amasavu agabikka ku byenda, n'amasavu gonna agali okumpi n'ebienda, ⁴ n'ensigo zombi awamu n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato, n'ekibikka ku kibumba nga biggyibwako wamu n'ensigo.
- 5 Kale batabani ba Aloonni banaabyokeranga kungulu ku kiweebwayo ekyokebwa ekiri ku nku

eziri ku muliro ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA.

⁶ “‘Omuntu anaggyanga mu kisibo kye ekisolo ekisajja oba ekikazi nga tekiriiko kamogo, n’akiwaayo eri MUKAMA. ⁷ Bw’anaaleetanga endiga ento nga kye kiweebwayo kye eri MUKAMA, ⁸ anaagikwatanga omutwe gwayo, n’agittira mu maaso ga Weema ey’Okukunjaanirangamu. Kale batabani ba Aloonni banaamansiranga omusaayi gwayo ku kyoto n’okukyebunguluza. ⁹ Mu kiweebwayo olw’emirembe ky’anaaleetanga okuwaayo ng’ekiweebwayo eri MUKAMA nga kyokebwu mu muliro, anaggyangamu bino n’abiwaayo eri MUKAMA: anaawangayo amasavu n’omukira gwonna n’amasavu gaagwo, nga gusaliddwako okumpi n’omugongo, n’amasavu agabikka ku byenda, n’amasavu gonna agali okumpi n’ebyenda, ¹⁰ n’ensigo zombi awamu n’amasavu agaziriko okuliraana ekiwato, n’ekibikka ku kibumba, nga biggyibwako wamu n’ensigo. ¹¹ Awo kabona anaabyokeranga ku kyoto okubeera ekyokulya ekiweebwayo eri MUKAMA nga kyokeddwa mu muliro.

¹² “‘Ekiweebwayo kye bwe kinaabanga embuzi, anaagiwangayo ng’ekiweebwayo eri MUKAMA; ¹³ anaagikwatanga omutwe gwayo, n’agittira mu maaso ga Weema ey’Okukunjaanirangamu. Kale batabani ba Aloonni banaamansiranga omusaayi gwayo ku kyoto n’okukyebunguluza. ¹⁴ Awo anaawangayo ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu

muliro ng'akiggya okwo: amasavu agabikka ebyenda, n'amasavu gonna agaliraanye ebyenda,¹⁵ n'ensigo zombi n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato, n'ekibikka ku kibumba nga biggyibwako wamu n'ensigo.¹⁶ Awo kabona anaabyokeranga ku kyoto okubeera ekyokulya ekiweebwayo nga kyokebwa mu muliro okuvaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. Amasavu gonna ganaabanga ga MUKAMA.

¹⁷ “Ekintu kino kinaabeeranga etteeka ery'ebiro byonna okuyita mu mirembe eginaagendanga giddiriragana mu bifo byonna gye munaabeeranga. Temulyanga masavu wadde omusaayi.”

4

Etteeka ery'Ekiweebwayo nga Kabona y'Ayonoonye

¹ Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa n'amugamba nti, ² “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti: ‘Bino bye biragiro eri buli muntu anaasobyanga ku mateeka ga MUKAMA nga tagenderedde, n'akola ekintu kyonna MUKAMA kye yalagira obutakikolanga.

³ “Singa Kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ayonoona, bw'atyo abantu n'abaleetako omusango olw'ekibi ky'anaabanga akoze, anaaleeteranga MUKAMA ente ennume entoototo etaliiko kamogo, nga kye kiweebwayo olw'ekibi. ⁴ Sseddume eyo anaagireetanga ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaaanirangamu, mu maaso ga

MUKAMA; anaagikwatanga omutwe gwayo n'agittira awo mu maaso ga MUKAMA.

⁵ Awo kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni anaatoolangako ku musaayi gwa sseddume eyo n'agleeta mu Weema ey'Okukunjaaanirangamu. ⁶ Anannyikanga olugalo lwe mu musaayi ogwo n'agumansirako emirundi musanvu awo eggigi ery'awatukuvu we litunudde mu maaso ga MUKAMA.

⁷ Awo kabona anaddiranga ku musaayi, n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto okwoterezebwa obubaane obw'akawoowo, ekiri mu Weema ey'Okukunjaaanirangamu mu maaso ga MUKAMA. Omusaayi gwa sseddume ogunaasigalangawo gwonna, anaaguyiwanga ku ntobo y'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa ekiri ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaaanirangamu. ⁸ Amasavu gonna aganaabanga mu sseddume ey'ekiweebwayo olw'ekibi, anaagaggyangako: amasavu agabikka ebyenda, n'amasavu gonna agaliraanye ebyenda, ⁹ n'ensigo zombi n'amasavu agazirimu okuliraana ekiwato, n'ekibikka ku kibumba ng'abiggyirako wamu n'ensigo, ¹⁰ (nga bwe biggyibwa ku nte ey'ekiweebwayo olw'emirembe), bw'atyo kabona anaabyokeranga ku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa. ¹¹ Naye eddiba lya sseddume eyo n'ennyama yaayo yonna, n'omutwe gwayo, n'amagulu gaayo, n'ebi'omu nda byayo nga n'ebyenda kwebiri, awamu n'obusa bwayo, ¹² ye sseddume yonna, anaagitwalanga wabweru w'olusiisira mu

kifo ekiyonjo awayiyibwa evvu ly'ekyoto,
 anaatindiranga enku n'akuma omuliro
 n'agyokeranga okwo.

*Etteeka ery'Ekiweebwayo ng'Abantu Bonna
 Boonoonye*

¹³ “Ekibiina kyonna eky'Abayisirayiri bwe kinaayonoonanga nga tekigenderedde, ne kikola ekimu ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, ekibiina ne bwe kinaabanga tekitegedde nti kisobezza, banaabanga bazzizza omusango. ¹⁴ Ekibi ekikoleddwa bwe kinaategeerekekanga, ekibiina kinaaleetanga sseddume y'ente entoototo mu maaso ga Weema ey'Okukuŋjaanirangamu, nga ky'ekiweebwayo olw'ekibi. ¹⁵ Abakulembeze b'ekibiina banassanga emikono gyabwe ku mutwe gwa sseddume eyo mu maaso ga MUKAMA, sseddume eyo n'ettirwa mu maaso ga MUKAMA. ¹⁶ Awo kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni anaatwalangako ku musaayi gwa sseddume eyo n'aguleeta mu Weema ey'Okukuŋjaanirangamu. ¹⁷ Anannyikanga olugalo lwe mu musaayi ogwo n'agumansira emirundi musanvu awo eggigi ly'awatukuvu we litunudde mu maaso ga MUKAMA. ¹⁸ Anaddiranga ku musaayi n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto ekiri mu Weema ey'Okukuŋjaanirangamu mu maaso ga MUKAMA. Omusaayi ogunaasigalangawo gwonna anaagufukanga ku ntobo y'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa ekiri ku mulyango

gwa Weema ey'Okukunjaanirangamu.
19 Anaggyangamu amasavu gaayo gonna
 n'agookera ku kyoto, **20** n'akola ku sseddume eno
 nga bwe yakola ku sseddume ey'ekiweebwayo
 olw'ekibi. Bw'atyo kabona anaatangiriranga
 abantu bona mu kibiina, era ne basonyiyibwa.
21 Anaafulumyanga sseddume eno ebweru
 w'olusiisira n'agyokya nga bwe yayokya
 sseddume eri eyasooka. Kino kye kiweebwayo
 olw'ekibi ku lw'ekibiina ky'abantu bona.

*Etteeka ery' Ekiweebwayo ng' Omufuzi
 Ayonoonye*

22 " 'Omufuzi bw'anaayonoonanga nga
 tagenderedde n'akola ekimu ku ebyo MUKAMA
 bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga,
 anaabanga azzizza omusango. **23** Ekibi ekyo
 ky'akoze bwe kinaamalanga okumutegeezebwa,
 anaaleetanga ekiweebwayo kye eky'embuzi
 ensajja etaliiko kamogo. **24** Anagikwatanga
 ku mutwe gwayo, n'agittira awo mu
 maaso ga MUKAMA we battira ebiweebwayo
 ebyokebwa. Ekyo nga kye kiweebwayo
 olw'ekibi. **25** Awo kabona anaddiranga
 ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi,
 n'olugalo lwe, n'agusiiga ku mayembe
 ag'oku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa.
 Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo
 gwonna anaaguyiwanga ku ntobo ey'ekyoto
 eky'ebiweebwayo ebyokebwa. **26** Amasavu
 gaayo gonna anaagookeranga ku kyoto okwo,
 okufaanana ng'amasavu olw'ekiweebwayo
 olw'emirembe bwe ganaayokebwanga. Bw'atyo

kabona anaatangiririranga omufuzi oyo
olw'ekibi kye, n'asoniyibwa.

Etteeka ery'Ekiweebwayo olw'Abantu Abaabulijjo

²⁷ “‘Omuntu yenna owabulijjo bw’anaayoononanga nga tagenderedde, n’akola ekimu ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, anaabanga azzizza omusango. ²⁸ Ekibi ekyo ky’akoze bwe kinaamalanga okumutegeezebwa, anaaleetanga ekiweebwayo kye eky’embuzi enkazi etaliiko kamogo, olw'ekibi ekyo ky’akoze. ²⁹ Anaakwatanga ku mutwe gw’ekiweebwayo ekyo olw'ekibi, n’akittira awo awattirwa ebiweebwayo ebyokebwa. ³⁰ Awo kabona anaddiranga ku musaayi gwakyo n’olugalo lwe n’agusiiga ku mayembe ag’oku kyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa. Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo, gwonna anaaguyiwanga ku ntobo ey’ekyoto eky’ebiweebwayo ebyokebwa. ³¹ Amasavu gaakyo anaagaggyangamu nga ag’omu biweebwayo olw’emirembe bwe gaggyibwamu; kabona anaagookeranga ku kyoto ne gavaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. Bw’atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi kye, era omuntu oyo anaasoniyibwanga.

³² “‘Bw’anaabanga aleese endiga ento ng’ekiweebwayo kye olw'ekibi, anaaleetanga nkazi etaliiko kamogo. ³³ Anaagikwatanga ku mutwe, n’agittira awo awattirwa

ebiweebwayo ebyokebwa, nga kye kiweebwayo olw'ekibi. ³⁴ Awo kabona anaddiranga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'olugalo lwe, n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa. Omusaayi ogunaabanga gusigaddewo, gwonna anaaguyiwanga ku ntobo ey'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa. ³⁵ Amasavu gaayo anaagaggyangamu nga ag'omu biweebwayo olw'emirembe bwe gaggyibwamu, era kabona anaagookeranga ku kyoto ku biweebwayo eri MUKAMA ebyokeddwa mu muliro. Bw'atyo kabona anaatangiriranga omuntu oyo olw'ekibi kye, era omuntu oyo anaasoniyibwanga.

5

Ebikolwa Ebyetaagisa Ebiweebwayo olw'Ekibi

¹ “‘Omuntu bw’ategyengayo ku kintu ky’amanyi, n’awa obujulirwa ku kintu kye yalaba oba kye yawulira nga kikyamu, anaabanga azzizza omusango.

² “‘Omuntu yenna bw’anaakwatanga ku kintu ekitali kirongoofu, gamba omulambo gw’ensolo ey’omu nsiko etali nnongoofu, oba ku mulambo gw’ente etali nnongoofu, oba ku mirambo gy’ebiramku ebyekulula ebitali birongoofu, ne bw’anaabanga takitegedde, anaabanga afuuse atali mulongoofu, era anaabanga azzizza omusango. ³ Oba bw’anaakwatanga ku kintu ky’onna ekitali kirongoofu ekivudde mu muntu nga si kirongoofu mu buli ngeri yonna, ne

kimufuula atali mulongoofu, ne bw'anaabanga takigenderedde, bw'anaategeranga ky'akoze nga kibi, anaabanga azzizza omusango. ⁴ Omuntu bw'anaayanguyirizanga okulayira okukola ek-intu kyonna, oba kirungi oba kibi, ng'amaze galayira nga tafuddeeyo, ne bw'anaabanga taki-genderedde, bw'anaategeranga ky'akoze bwe kiri, anaabanga azzizza omusango mu buli ngeri yonna gy'anaabanga alayiddemu. ⁵ Omuntu bw'anazzanga omusango mu kyonna kyonna ku ebyo ebizze byogerwako, anaateekwanga okwatala ekibi ekyo ky'anaabanga akoze, ⁶ era n'aleeta ekiweebwayo kye olw'omusango eri MUKAMA olw'ekibi ekyo. Anaaleetanga endiga ento enkazi oba embuzi enkazi ng'abiggya mu kisibo kye, nga kye kiweebwayo olw'ekibi; era kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi kye.

Ebiweebwayo olw'Ebibi eby'Abaavu

⁷ “Omuntu bw'anaabanga omwavu, nga tasobola kuleeta ndiga nto olw'obwavu bwe, anaaleetanga bukaamukuukulu bubiri oba enjiibwa ento bbiri eri MUKAMA, olw'ekibi omuntu oyo ky'akoze, nga ky'ekiweebwayo olw'ekibi, ekimu nga kye ky'ekiweebwayo olw'ekibi ekirala nga kye ky'ekiweebwayo ekyokebwa. ⁸ Anaabireeteranga kabona, n'asooka okuwaayo ekiweebwayo olw'ekibi. Kabona anaanyoolanga ensingo y'ekiweebwayo, naye nga tagikutuddeeko; ⁹ anaddiranga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi n'agumansira ku mabbali g'ekyoto. Omusaayi gwonna ogunaabanga gusigaddewo

anaaguttululiranga ku ntobo y'ekyoto. Kino kye kiweebwayo olw'ekibi. ¹⁰ Kabona anaawangayo ekiweebwayo ekyokubiri nga kye kiweebwayo ekyokebwa ng'agoberera ebiragiyo nga bwe bigamba. Bw'atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi kye ky'anaabanga akoze, era omuntu oyo anaasoniyibwanga.

¹¹ “‘Omuntu oyo omwavu bw'anaabanga tasobola kuleeta bukaamukuukulu bubiri oba enjiibwa ento bbiri, anaaleetanga ekiweebwayo olw'ekibi kye, kimu kya kkumi eky efa* eky'obuwunga obulungi okuba ekiweebwayo kye olw'okwonoona. Taabuteekengamu mafuta wadde obubaane, kubanga kiweebwayo olw'ekibi. ¹² Anaakireeteranga kabona, era kabona anaatoolangako olubatu, nga kye kitundu eky'ekijukizo kyakyo, n'akyokera ku kyoto, ku biweebwayo eri MUKAMA ebyokeddwa mu muliro. Kino nga kye kiweebwayo olw'ekibi. ¹³ Bw'atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo olw'ekibi ky'anaabanga akoze mu bintu ebyo byonna, era anaasoniyibwanga. Ebyo byonna ebinaasigalangawo ku kiweebwayo kino binaabanga bya kabona, nga bwe kiri mu biragiyo by'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke.’”

Etteeka ery'Ekiweebwayo olw'Omusango

¹⁴ MUKAMA n'agamba Musa nti, ¹⁵ “Omuntu bw'anazzanga omusango ng'asobezza mu bimu

* ^{5:11} efa yenkanankana liita nga bbiri

ku ebyo ebitukuvu bya MUKAMA nga tagenderedde, anaaleetanga eri MUKAMA ekiweebwayo kye olw'omusango, endiga ennume etaliiko kamogo ng'agiggya mu kisibo kye; eneebalirirwanga omuwendo ogugiggyamu mu ffeeza, ng'ebipimo by'awatukuvu bwe biri, ye sekerti[†]. Ekyo nga kye kiweebwayo olw'omusango. ¹⁶ Era anaaliwanga olw'ekyo kye yazzaako omusango mu bitukuvu bya Mukama, era anaayongerangako ekitundu kimu ekyokutaano eky'omuwendo gw'ekyo ky'anabanga asobezza; engassi eyo anaagiwanga kabona. Kabona anaatangiririranga omuntu oyo n'endiga ennume ey'ekiweebwayo olw'omusango, bw'atyo anaasoniyiyibwanga.

¹⁷ “Omuntu yenna bw'anaayoonoonanga n'akola ku ebyo MUKAMA bye yalagira mu mateeka ge obutabikolanga, ne bw'anaabanga takitegedde, anazzanga omusango. ¹⁸ Anaaleeteranga kabona endiga ennume eteriiko kamogo ng'agiggya mu kisibo kye, ng'ebalirirwamu omuwendo ogugya mu kiweebwayo olw'omusango. Kabona anaamutangiririranga olw'ekisobyo ky'anaabanga akoze nga tagenderedde, era anaasoniyiyibwanga. ¹⁹ Ekyo nga kye kiweebwayo olw'omusango, kubanga anaabanga ayonoonye mu maaso ga MUKAMA.”

6

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, ² “Omuntu

[†] 5:15 sekerti yenkanankana gulaamu kkumi n'emu n'ekitundu

bw'anaayoonoonanga n'amenza obwesigwa eri MUKAMA olw'okulimbalimba munne ku kye yamuteresa, oba kye yamukwasa, oba omuntu oyo kye yabba; oba bw'anabbiranga munne,
³ oba bw'anaazuulanga ebyali bibuze naye n'alimba; oba bw'anaalayiranga eby'obulimba, oba bw'anaayoonoonanga mu bintu ng'ebyo byonna abantu mwe batera okwonoona,
⁴ bw'anaayoonoonanga bw'atyo anaabangako omusango; kinaamusaaniranga okuzzaayo ebyo bye yabba oba bye yanyaga, oba bye yateresebwa oba ebyo ebyali bibuze naye n'abizuula,
⁵ oba ekintu kyonna kye yalayirirako eby'obulimba. Anaaliwanga mu bujuvu era anaagattangako ekitundu kimu kyakutaano eky'ebyo by'aliwa; bw'atyo anaabiddizanga nnyinibyo ku lunaku omuntu oyo lw'anaaleeterangako ekiweebwayo olw'omusango.
⁶ Era anaaleeteranga kabona ekiweebwayo eri MUKAMA olw'omusango, nga kya ndiga ennume eteriiko kamogo ng'agiggya mu kisibo kye, ng'ogibaliriddemu omuwendo ogugya mu kiweebwayo olw'omusango.
⁷ Awo kabona anaatangiririranga omuntu oyo mu maaso ga MUKAMA, era anaasoniyibwanga mu bintu ebyo byonna by'anaabanga akoze n'azza omusango."

Ebiweebwayo Ebyokebwa

⁸ MUKAMA n'agamba Musa nti,
⁹ "Lagira Alooni ne batabani be nti: Lino lye tteeka ery'ebiweebwayo ebyokebwa. Ekiweebwayo ekyokebwa kinaabeeranga ku kyoto ekiro

kyonna okutuusa enkeera, era omuliro gw'omu kyoto gunaabanga gwaka ebbanga lyonna. ¹⁰ Awo kabona anaayambalanga ebyambalo bye ebya bafuta, ng'asooseemu eby'omunda ebya bafuta ku mubiri gwe, n'addira evvu eriri mu kyoto ery'ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto, n'alissa wabbali w'ekyoto. ¹¹ Aneeyambulangamu ebyambalo ebyo, n'ayambala ebyambalo ebirala, n'asitula evvu n'alitwala ebweru w'olusiisira mu kifo ekirongoofu eky'emikolo ng'egyo. ¹² Omuliro gunaasigalanga nga gwaka ebbanga lyonna, teguuzikirenga. Buli nkya kabona anaayongerangako enku ku kyoto; era anaatereezangako ekiweebwayo ekyokebwa ng'akitegese bulungi; era anaayokerangako amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe. ¹³ Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga.

Ebiweebwayo eby'Emmere ey'Empeke

¹⁴ "Era lino ly'etteeka ery'ebiweebwayo eby'emmere ey'empeke. Batabani ba Aloonni banaaleetanga ekiweebwayo ekyo awali MUKAMA mu maaso g'ekyoto. ¹⁵ Kabona anaayoolanga olubatu lw'obuwunga obulungi obw'ekiweebwayo eky'emmere y'empeke n'amafuta gaako ag'omuzeeyituuni n'obubaane bwonna, ebiri ku kiweebwayo ekyo, n'akyokya ku kyoto nga kye kitundu eky'ekijjukizo kyakyo, ne kivaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. ¹⁶ Batabani ba Aloonni banaalyanga ekisigaddewo, naye

nga tebaliiramu kizimbulukusa mu kifo ekyo ekitukuvu; banaakiriiranga mu luggyा lw'Eweema ey'Okukunjaanirangamu.

¹⁷ Tekiiyokerwengamu kizimbulukusa. Nkibawadde nga kye kinaabanga omugabo gwabwe ogw'oku biweebwayo byange ebyokebwa, kye kintu ekitukuvu ennyo okufaanana ng'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo olw'omusango. ¹⁸ Buli mwana mulenzi ava mu Aloonni anaayinzanga okukiryako, ng'etteeka ery'emirembe gyonna bwe ligamba erifa ku biweebwayo eri MUKAMA ebyokeddwa mu muliro. Buli anaabikwatangako anaafuukanga mutukuvu."

¹⁹ MUKAMA n'agamba Musa nti, ²⁰ "Kino ky'ekiweebwayo Aloonni ne batabani be kye banaawangayo eri MUKAMA ku lunaku lwe banaafukibwangako amafuta ag'omuzeeyituuni: ekitundu eky'ekkumi ekya liita bbiri, nga kilo emu ey'obuwunga obulungi, nga kye kiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga kisalirwa wakati ekitundu ekimu, enkyा, n'ekitundu ekirala, akawungeezi. ²¹ Bunaafumbibwanga n'amafuta ag'omuzeeyituuni ku fulampeni, ne butabulwa bulungi, ne buweebwayo eri MUKAMA nga kye kiweebwayo eky'emmere ey'empeke, ekiavaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA. ²² Kabona ow'omu baana ba Aloonni anaabanga afukiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni okumusikira, y'anaakiwangayo eri MUKAMA ng'amateeka bwe galagira emirembe gyonna; ekiweebwayo kyonna kinaayokebwanga. ²³ Buli kiweebwayo kyonna eky'emmere ey'empeke

kabona ky'anaawangayo kinaayokebwanga bulambalamba; tekiiriibwenga."

Ebiweebwayo olw'Ekibi

²⁴ MUKAMA n'agamba Musa nti, ²⁵ "Tegeeza Aloonii ne batabani be nti bino bye biragiyo eby'ekiweebwayo olw'ekibi. Ekiweebwayo olw'ekibi kinattirwanga mu maaso ga MUKAMA awo wennyini ebiweebwayo ebyokebwa we bitirwa; kiweebwayo kitukuvu nnyo. ²⁶ Kabona anaakiwangayo olw'ekibi y'anaakiryanga. Kinaalirwanga mu kifo ekitukuvu mu luggya lwa Weema ey'Okukunjaanirangamu. ²⁷ Buli ekinaakoonanga ku nnyama y'ekiweebwayo ekyo, kinaafuukanga kitukuvu; era ogumu ku musaayi gwakyo bwe gunaamansukiranga ekyambalo, kinaayozerwanga mu kifo ekitukuvu. ²⁸ Ensaka ey'ebbumba mwe kinaafumbirwanga eneeyasibwanga; naye bwe kinaafumbirwanga mu nsaka ey'ekyuma, eneekuutibwanga n'emunyunguzibwamu n'amazzi. ²⁹ Buli kabona omusajja anaayinzanga okukiryako; kiweebwayo kitukuvu nnyo. ³⁰ Naye ekiweebwayo olw'ekibi, omusaayi gwakyo nga guleeteddwako mu Weema ey'Okukunjaanirangamu olw'okwetangirira mu kifo ekyo ekitukuvu, tekiiriibwenga, kyonna kinaayokebwanga.

7

Ebiweebwayo olw'Omusango

¹ "Bino bye biragiyo eby'ekiweebwayo olw'omusango; kinaabanga kitukuvu nnyo. ² Ekiweebwayo olw'omusango

kinattirwanga awo wennyini ekiweebwayo ekyokebwa we kittirwa, era omusaayi gwakyo gunaamansirwanga ku njuyi zonna ez'ekyoto okukyebungulula.³ Amasavu gaakyo gonna ganaawebwangayo: omukira ogwa ssava, amasavu agabikka ku byenda,⁴ ensigo zombi awamu n'amasavu agaziriko okuliraana ekiwato, n'ekibikka ku kibumba nga biggyibwako wamu n'ensigo.⁵ Kabona anaabyokeranga ku kyoto nga kye kiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu muliro. Ekyo kye kiweebwayo olw'omusango.⁶ Buli kabona omusajja anaayinzanga okukiryako; kyokka kinaalirwanga mu kifo ekitukuvu. Kiweebwayo kitukuvu nnyo.⁷ Ebiragiro ebikwata ku kiweebwayo olw'omusango bye bimu n'ebikwata ku kiweebwayo olw'ekibi. Kabona anaakozesanga ebiweebwayo ebyo olw'okutangiririra, y'anaabitwalanga.⁸ Kabona anaaweerangayo omuntu yenna ekiweebwayo kye ekyokebwa, y'aneesigalizanga eddiba ly'ekiweebwayo ekyo.⁹ Era buli kiweebwayo eky'emmere ey'empeke ekinaafumbibwanga mu oveni n'ekyo kyonna ekinaateekerwateekerwanga ku fulampeni oba ku lukalango, kabona oyo akiwaddeyo y'anaakitwalanga.¹⁰ Era na buli kiweebwayo eky'empeke ekya buli ngeri, nga kitabuddwa mu mafuta ag'omuzeeyituuni oba nga kikalu kyereere, batabani ba Aloonni be banaakitwalanga nga bakigabana kyenkanyi buli omu.

Ebiweebwayo olw'Emirembe

11 "‘Bino by'ebiragiro eby'ekiweebwayo olw'emirembe omuntu ky'anaawangayo eri MUKAMA.

12 "‘Bw'anaakiwangayo olw'okwebaza, ekiweebwayo ekyo anaakigattirangako zikkeeke ezitabuliddwamu amafuta ag'omuzeeyituuni kyokka nga temuli kizimbulukusa, n'obusukuuti obw'oluwehere nga busiigiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni, ne zikkeeke ez'obuwunga obulungi ennyo nga zigoyeddwa bulungi mu mafuta. 13 Awamu n'ebiweebwayo bye olw'emirembe n'olw'okwebaza, anaaleeterangako emigaati emifumbe n'ekizimbulukusa.

14 Ku buli kimu ku biweebwayo ebyo anaggyangako omugaati gumu n'aguwaayo ng'ekiweebwayo eri MUKAMA; kabona anaamansiranga omusaayi ogw'ekiweebwayo olw'emirembe y'anaatwalanga ekiweebwayo ekyo. 15 Ennyama y'ebiweebwayo by'omuntu oyo by'aleese olw'emirembe olw'okwebaza eneeriibwanga ku lunaku olwo lwennyini olw'ebiweebwayo bye ebyo; tekubangako gy'asuzaawo.

16 "‘Naye omuntu bw'anaawangayo ekiweebwayo olw'okutuukiriza obweyamo, oba olw'okweyagalira, kinaaliibwanga ku lunaku olwo lwennyini lw'akiwaddeyo; ekinaasigalangawo ku kiweebwayo ekyo kinaaliibwanga enkeera. 17 Ennyama ey'ekiweebwayo eneefikkangawo n'etuusa ku lunaku olwokusatu eneeyokebwanga mu muliro. 18 Ennyama y'ekiweebwayo ky'omuntu

oyo olw'emirembe bw'eneeriibwanga ku lunaku olwokusatu, ekiweebwayo ekyo MUKAMA taakikkirizenga, n'oyo akiwaddeyo tekiimubalirwengako kubanga tekiibenga kirongoofu, ne buli anaakiryangako anaabanga azzizza omusango.

¹⁹ “Ennyama eneekoonanga ku kintu kyonna ekitali kirongoofu teeriibwenga, wabula eneeyokebwanga mu muliro; naye ku nnyama endala omuntu yenna omulongoofu anaayinzanga okulyako. ²⁰ Naye omuntu atali mulongoofu bw'anaalyanga ku nnyama ey'ekiweebwayo eri MUKAMA olw'emirembe, anaaboolebwanga nga takyabalirwa mu bantu be. ²¹ Era omuntu yenna bw'anaakwatanga ku kintu ekitali kirongoofu, obanga kivudde mu muntu oba mu nsolo, oba ekintu kyonna ekikyayibwa ekitali kirongoofu, ate n'alya ku nnyama y'ekiweebwayo eri MUKAMA olw'emirembe, omuntu oyo anaaboolebwanga, nga takyabalirwa mu bantu be.”

Okulya Amasavu n'Omusaayi Kugaanibwa

²² MUKAMA n'agamba Musa nti, ²³ “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘Temulyanga ku masavu ga nte, oba ag'endiga, oba ag'embuzi. ²⁴ Amasavu g'ensolo efudde obufi yokka, n'amasavu g'eyo etaaguddwataaguddwa ensolo endala munaagakozesanga ku bintu ebirala byonna eby'omugaso, naye tekabatandanga ne mugalyako. ²⁵ Kubanga buli muntu anaalyanga ku masavu ag'ensolo eneevangako ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokeddwa mu

muliro, anaaboolebwanga, nga takyabalirwa mu bantu ba MUKAMA. ²⁶ Era buli kifo kyonna gye munaabeeranga, temuulyenga ku musaayi n'akatono, ne bwe gunaabanga ogw'ebinyonyi oba ogw'ensolo. ²⁷ Omuntu yenna anaalyanga ku musaayi, omuntu oyo anaaboolebwanga, nga takyabalirwa mu bantu be.' "

Omugabo gwa Bakabona

²⁸ MUKAMA n'agamba Musa nti, ²⁹ "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Omuntu anaaleetanga ekiweebwayo kye olw'emirembe eri MUKAMA, anaawangayo eri MUKAMA Katonda ekitundu kyakyo. ³⁰ Anaakisitulanga n'engalo ze n'akireeta eri MUKAMA Katonda nga kye kiweebwayo kye ekyokeddwa mu muliro. Amasavu n'ekifuba nabyo anaabireetanga, n'awuubawuuba ekifuba mu maaso ga MUKAMA, ng'ekyo kye kiweebwayo ekiwuubibwa. ³¹ Amasavu kabona anaagokyanga ku kyoto, naye ekifuba kinaabanga kya Alooni ne batabani be. ³² Ekisambi ekya ddyo kinaawebwanga kabona nga gwe mugabo gwe oguvudde ku kiweebwayo ky'omuntu oyo olw'emirembe. ³³ Mutabani wa Alooni anaabanga awaddeyo omusaayi n'amasavu eby'ekiweebwayo olw'emirembe, y'anaafunanga ekisambi ekya ddyo nga gwe mugabo gwe. ³⁴ Ku kiweebwayo olw'emirembe eky'abaana ba Isirayiri, nzigye ko ekifuba ekiwuubibwawuubibwa n'ekisambi, ne mbiwa kabona Alooni ne batabani be, nga gwe gunaabanga omugabo gwabwe ogunaavanga mu baana ba Isirayiri emirembe gyonna."

³⁵ Guno gwe mugabo nga guva ku biweebwayo eri MUKAMA Katonda ebyokeddwa mu muliro, ogwagerekerwa Alooni ne batabani be ku lunaku lwe baaleetebwa eri MUKAMA okumuweereza nga bakabona be. ³⁶ Ku lunaku lwe baafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni, MUKAMA Katonda yalagira nti abaana ba Isirayiri babibawenga okubeeranga omugabo gwabwe, ogw'enkalakkalira emirembe gyonna.

³⁷ Eryo lye tteeka n'ebiragiro ebifuga ebiweebwayo ebyokebwa, ebiweebwayo eby'emmere ey'empeke, n'ebiweebwayo olw'ekibi, n'ebiweebwayo olw'omusango, n'ebiweebwayo olw'okwawulibwa, n'ebiweebwayo olw'emirembe, ³⁸ MUKAMA Katonda bye yawa Musa ku lusozi Sinaayi ku lunaku lwe yalagirirako abaana ba Isirayiri okuleeta ebiweebwayo byabwe eri MUKAMA Katonda, mu ddungu lya Sinaayi.

8

Okwawulibwa kwa Alooni ne Batabani be

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
² "Leeta Alooni ne batabani be, n'ebiyambalo, n'amafuta ag'omuzeeyituuni ag'okwawula, ne seddume y'ente ey'ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume bbiri, n'ekibbo ky'emigaati egitali mizimbulukuse; ³ okuŋŋaananyize abantu bona ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu." ⁴ Musa n'akola nga MUKAMA Katonda bwe yamulagira; abantu ne bakuŋŋaanira mu kibiina kinene ku mulyango gwa Weema ey'Okukuŋŋaanirangamu.

⁵ Awo Musa n'agamba ekibiina nti, "Kino MUKAMA Katonda ky'atulagidde okukola."

⁶ Bw'atyo Musa n'aleeta Alooni ne batabani be n'abanaaza n'amazzi. ⁷ N'ayambaza Alooni ekkooti, n'amusiba olwesibyo, n'amwambaza omunagiro, n'amwambaza n'ekyambalo ekyo efodi, n'amusibya olwesibyo lwa efodi olwalukibwa n'amagezi amangi, n'amunyweza.

⁸ N'amuteekako ekyomukifuba, era mu kyomukifuba n'ateekamu Ulimu ne Sumimu.

⁹ N'amusiba ekitambaala ku mutwe, ne mu maaso ku kitambaala n'assaako ekipande ekyo zaabu, nga ye ngule entukuvu, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

¹⁰ Awo Musa n'addiraa amafuta ag'omuzeeyituuni ag'okwawula, n'agakozesa okwawula Weema ya MUKAMA, ne byonna ebibeeramu nabyo n'abyawula. ¹¹ N'amansira agamu ku mafuta ku kyoto emirundi musanvu, n'ayawula ekyoto ne byonna ebikozesebwako, n'ebbensani ne mw'etuula, okubitukuza.

¹² N'afuka agamu ku mafuta ag'okwawula ku mutwe gwa Alooni, n'amwawula, okumutukuza.

¹³ Awo Musa n'aleeta batabani ba Alooni n'abambaza amakooti, n'abasiba eneesibyo, n'abambaza enkuufiira, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

Ebiweebwayo olw'ekibi n'Ebiweebwayo Ebyokebwa olwa Bakabona

¹⁴ Awo n'aleeta seddume ey'ekiweebwayo olw'ekibi; Alooni ne batabani be ne bakwata ku mutwe gwayo. ¹⁵ Musa n'agitta, n'addiraa omusaayi gwayo n'agusiiga n'olugalo lwe

ku mayembe ag'oku kyoto okukyebungulula, n'atukuza ekyoto. Omusaayi ogwasigalawo n'aguyiwa wansi w'ekyoto, n'akitukuza, okukitangiririra. ¹⁶ Musa n'addir a masavu gonna agaali ku byenda, n'agaali gabisse ku kibumba, n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, byonna n'abyokera ku kyoto. ¹⁷ Naye seddume, n'eddiba lyayo, n'ennyama yaayo, n'obusa bwayo, n'abyokera mu muliro ebweru w'olusiisira, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

¹⁸ Awo n'aleeta endiga ennume ey'ekiweebwayo ekyokebwa; Alooni ne batabani be ne bakwata ku mutwe gwayo. ¹⁹ Musa n'agitta, n'amansira omusaayi gwayo buli wantu ku kyoto. ²⁰ Awo endiga ng'ewedde okusalwasalwa mu bif, Musa n'ayokya ebifi ebyo n'omutwe gwayo n'amasavu. ²¹ Ebyenda n'amagulu nga biwedde okunaazibwa n'amazzi, Musa n'alyoka ayokya endiga yonna ku kyoto. Ekyo nga kye kiweebwayo ekyokye eky'akawoowo akasanyusa, nga kiweerwayo ku muliro eri MUKAMA, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

Ekiweebwayo olw'Okwawulibwa kwa Bak-abona

²² Awo Musa n'aleeta endiga ennume eyookubiri, nga y'endiga ey'ekiweebwayo olw'okwawulibwa; Alooni ne batabani be ne bagikwata ku mutwe gwayo. ²³ Musa n'alyoka agitta, n'addir a ku musaayi gwayo n'agusiiga ku kasongezo k'oktu kwa Alooni okwa ddyo, ne ku kinkumu eky'engalo ye

ey'omukono ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'okugulu okwa ddyo. ²⁴ Batabani ba Aloonni nabo ne baleetebwa, Musa n'asiiga omusaayi ku busongezo bw'amatu gaabwe aga ddyo, ne ku binkumu eby'engalo zaabwe ez'emikono gyabwe egya ddyo, ne ku bigere ebisajja eby'amagulu gaabwe aga ddyo. Musa n'addira omusaayi n'agumansira buli wantu ku kyoto okukyebungulula. ²⁵ N'addira amasavu n'omukira ogwo omusava, n'amasavu gonna agaali ku byenda, n'agaali gabisse ku kibumba, n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, n'ekisambi ekya ddyo; ²⁶ n'alaba mu kibbo omubeera emigaati egitali mizimbulukuse egibeera mu maaso ga MUKAMA Katonda, n'aggyamu akagaati kamu akatali kazimbulukuse, n'akagaati akaakolebwa n'amafuta ag'omuzeeyituuni, n'akasukuuti ak'oluwewere kamu, n'abiteeka ku masavu ne ku kisambi ekya ddyo; ²⁷ ebyo byonna n'abikwasa Aloonni ne batabani be mu ngalo zaabwe, ne babiwuubawuuba mu maaso ga MUKAMA Katonda, nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa. ²⁸ Awo Musa ebyo byonna n'abibaggyako, n'abyokera ku kyoto awamu n'ekiweebwayo ekyokebwa, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda eky'okwawulibwa, ekyokebwa mu muliro ne muvaamu akawoowo akalungi akasanyusa. ²⁹ Era Musa n'addira ekifuba n'akiwuubawuuba, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA ekiwuubibwa. Guno nga gwe mugabo gwa Musa ku ndiga ennume ey'okwawulibwa, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

Ennaku ez'Okwawulibwa

³⁰ Awo Musa n'addira ku mafuta ag'okwawula ne ku musaayi ogwali ku kyoto, n'amansira ku Alooni ne ku byambalo bye, ne ku batabani be awamu ne ku byambalo byabwe. Bw'atyo n'atukuza Alooni n'ebyambalo bye awamu ne batabani be n'ebyambalo byabwe.

³¹ Musa n'agamba Alooni ne batabani be nti, "Ennyama mugifumbire awo ku mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaanirangamu, era awo we muba mugiriira awamu n'emigaati egiri mu kibbo omuli ebiweebwayo olw'okwawulibwa, nga bwe nabalagira nga ɻnjamba nti, 'Alooni ne batabani be baligirya.' ³² Ebifisseewo ku nnyama ne ku migaaati mujja kubyokya mu muliro.

³³ Era temfulumanga okuva ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaanirangamu okumala ennaku musanvu, okutuusa ng'ennaku zammwe ez'okwawulibwa zituukiridde, kubanga okubaawula kugenda kumala ennaku musanvu.

³⁴ MUKAMA alagidde nti nga bwe kikoleddwa leero bwe kinaakolebwanga bwe kityo okubatangiririra. ³⁵ Mujja kubeera ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaanirangamu emisana n'ekiro okumala ennaku musanvu, nga mukola ebyo MUKAMA by'abalagidde, si kulwa nga mufa; bwe nt yo bwe ndagiddwa." ³⁶ Bwe batyo Alooni ne batabani be ne bakola ebyo byonna MUKAMA Katonda bye yalagira ng'abiyisa mu Musa.

¹ Ku lunaku olw'omunaana Musa n'ayita Aloonii ne batabani be n'abakulembeze ba Isirayiri. ² N'agamba Aloonii nti, "Ddira ennyana eya sseddume eweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume olw'ekiweebwayo ekyokebwa, nga zombi teziriiko kamogo, oziweeyo ng'ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda. ³ Ogambe abaana ba Isirayiri nti, 'Muddire embuzi ennume eweebwayo olw'ekibi, n'ennyana n'omwana gw'endiga, nga zino zombi zaakamala omwaka gumu obukulu era nga teziriiko kamogo, nga za kiweebwayo ekyokebwa; ⁴ era n'ente eya sseddume n'endiga ennume eby'ebiweebwayo olw'emirembe, n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke nga mulimu amafuta ag'omuzeeyituuni, byonna mubiweeyo nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda; kubanga ku lunaku lwa leero MUKAMA Katonda ajja kubalabikira.' " ⁵ Bwe batyo ne baleeta byonna Musa bye yabalagira okuleeta mu maaso ga Weema ey'Okukunjaanirangamu. Abantu bona, kye kibiina ekinene, ne basembera ne bayimirira awali MUKAMA Katonda. ⁶ Musa n'alyoka abagamba nti, "Kino kye kyo MUKAMA Katonda kye yabagambye okukola, era ekitiibwa kya MUKAMA kijja kubalabikira." ⁷ Awo Musa n'agamba Aloonii nti, "Sembera ku kyoto oweeyo ekiweebwayo kyo olw'ebyonoono byo, n'ekiweebwayo kyo ekyokebwa, olyoke weetangiririre awamu n'abantu era oleete ekiweebwayo eky'abantu; obatangiririre; nga MUKAMA Katonda bwe yalagidde."

⁸ Awo Alooni n'asembera ku kyoto, n'atta ennyana ey'ekiweebwayo kye olw'ebyonoono bye.

⁹ Batabani ba Alooni ne bamuleetera omusaayi, n'annyika olunwe lwe mu musaayi n'agusiiga ku mayembe ag'oku kyoto, n'afuka omusaayi ku ntobo y'ekyoto. ¹⁰ N'addira amasavu n'ensigo n'ebibikka ku kibumba eby'omu kiweebwayo olw'ekibi, n'abyokera ku kyoto, nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa. ¹¹ Ennyama n'eddiba n'abyokera mu muliro ebweru w'olusiisira.

¹² Alooni n'atta ekiweebwayo ekyokebwa; batabani be ne bamuleetera omusaayi, n'agumansira ku kyoto okukyebungulula. ¹³ Ne bamuleetera ebifi eby'ekiweebwayo ekyokebwa nga n'omutwe kweguli; byonna n'abyokera ku kyoto. ¹⁴ N'ayoza ebyenda n'amagulu, n'abyokera wamu n'ekiweebwayo ekyokebwa ku kyoto.

Ekiweebwayo olw'Abantu

¹⁵ Awo Alooni n'aleeta ekiweebwayo olw'abantu. Yaddira embuzi ey'ekiweebwayo olw'ebibi by'abantu n'agitta, n'agiwaayo ng'ekiweebwayo kye olw'ekibi, kye yasooka olw'ebibi bye. ¹⁶ N'aleeta ekiweebwayo ekyokebwa n'akiwaayo ng'etteeka bwe liragira. ¹⁷ N'aleeta ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke, n'ayoolamu olubatu, n'akyokya ku kyoto okuliraana n'ekiweebwayo ekyokebwa eky'omu makya.

¹⁸ Ente ya sseddume n'endiga ennume nazo n'azitta, nga bye biweebwayo olw'emirembe eby'abantu; batabani ba Alooni ne bamuleetera

omusaayi, n'agumansira ku kyoto okukyebungulula enjuuyi zonna.¹⁹ Naye amasavu ag'ente eya sseddume n'ago ag'endiga ennume, n'amasavu ag'oku mukira, n'ago agabikka ku byenda, n'ensigo, n'agabikka ku kibumba,²⁰ ne bateeka amasavu gaabyo ku bifuba by'ensolo ezo, n'ayokya amasavu ago ku kyoto;²¹ naye ebifuba n'ekisambi ekya ddyo, Aloonii n'abiwuubawuuba mu maaso ga MUKAMA Katonda nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa, nga Musa bwe yalagira.

²² Awo Aloonii n'awanikira abantu emikono gye, n'abasabira omukisa. Bw'atyo Aloonii ng'amaze okuwaayo ekiweebwayo olw'ekibi, n'ekiweebwayo ekyokebwa, n'ekiweebwayo olw'emirembe, n'avaayo ku kyoto. ²³ Musa ne Aloonii ne bayingira mu Weema ey'Okukuŋjaanirangamu. Bwe baafuluma ne basabira abantu omukisa, era ekitiibwa kya MUKAMA Katonda ne kirabikira abantu bonna. ²⁴ Omuliro ne gujja nga guva eri MUKAMA Katonda ne gumarirawo ddala ekiweebwayo ekyokebwa n'amasavu ebyali ku kyoto. Awo abantu bonna bwe baakiraba ne baleekaana ne bagalamira wansi ng'amaaso gaabwe gali ku ttaka.

10

Okufa kwa Nadabu ne Abiku

¹ Awo olwatuuka, batabani ba Aloonii, Nadabu ne Abiku ne beetwalira buli omu ekyoterezo kye, ne bateekamu omuliro, ne bassaako obubaane, ne bawaayo eri MUKAMA Katonda

omuliro ogutali mutukuvu, ne basobya ekiragiro kye. ² Omuliro ne guva eri MUKAMA ne gubookya, ne bafiira awo mu maaso ga MUKAMA Katonda. ³ Awo Musa n'agamba Aloonni nti, Kino MUKAMA Katonda kye yayogerako bwe yagamba nti,

“ ‘Nzija kweylekanga nga bwe ndi omutukuvu
eri abo abansemberera,
era nassibwangamu ekitiibwa
abantu bonna.’ ”
Aloonni n'asirika busirisi.

⁴ Awo Musa n'ayita Misayeri ne Erizafani, abaana ba Wuziyeeri kitaawe omuto owa Aloonni, n'abagamba nti, “Mujje wano musitule emirambo gya baganda bammwe mugiggye wano awatukuvu mugitwale ebweru w'olusiisira.” ⁵ Bwe batyo ne bajja ne basitula baganda baabwe abo nga bwe baali bayambadde ne babatwala ebweru w'olusiisira nga Musa bwe yabagamba.

⁶ Awo Musa n'agamba Aloonni, ne Eriyazaali ne Isamaali, batabani ba Aloonni, nti, “Mmwe temusumulula nviiri zammwe okuzita ne zireebeeta era temuyuza byambalo byammwe nga mukungubaga, kubanga muyinza okufa, n'obusungu bwa MUKAMA Katonda buyinza okubuubuukira abantu bonna. Naye baganda bammwe, ye nnyumba yonna eya Isirayiri, babakaabire abo MUKAMA Katonda b'azikirizza n'omuliro. ⁷ Era temuva ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaanirangamu, temulwa kufa; kubanga muliko amafuta ag'omuzeeyituuni ga MUKAMA Katonda ag'okwawula.” Ne bakola nga Musa bwe yabalagira.

Bakabona bye Basaana Okwegendereza

⁸ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Alooni nti,
⁹ "Ggwe ne batabani bo bwe musingiranga mu Weema ey'Okukunjaanirangamu temunywanga envinnyo oba ekyokunywa ekirala kyonna ekitamiiza; bwe mulikikola temulirema kufa. Eryo linaabanga tteeka ery'enkalakkalira ne mu mirembe gyonna egigenda okujja. ¹⁰ Mwawulengamu ebitukuvu n'ebiyabulijjo, ebirongoofu n'ebitali birongoofu; ¹¹ era kibasaanidde okuyigirizanga abaana ba Isirayiri amateeka gonna MUKAMA Katonda g'abawadde ng'agayisa mu Musa."

Etteeka ery'Okulya Emmere Entukuvu

¹² Awo Musa n'agamba Alooni ne Eriyazaali ne Isamaali, batabani ba Alooni abaali basigaddewo, nti, "Mutwale ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke ekyasigaddewo ku biweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Katonda nga si kizimbulukuse, mukiriire okumpi n'ekyoto kubanga kitukuvu nnyo. ¹³ Mukiriire mu kifo ekitukuvu, kubanga gwe mugabo gwo, era gwe mugabo gw'abatabani bo, nga guva ku kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekyokebwa; bwe ntyo bwe ndagiddwa. ¹⁴ Naye ekifuba ekiwuubibwa n'ekisambi ekiweebwayo munaabiriira mu kifo kyonna kye munaalaba ekirongoofu; mubirye, ggwe ne batabani bo ne bawala bo b'oli nabo; kubanga bibaweereddwa ng'omugabo gwammwe, ggwe n'abaana bo, nga biva ku biweebwayo olw'emirembe ebiweereddwayo abaana

ba Isirayiri. ¹⁵ Ekisambi ekiweereddwayo n'ekifuba ekiwuubibwa, binaaleetebwa awamu n'amasavu ag'oku biweebwayo ebyokebwa, ne biwuubibwawuubibwa nga kye kiweebwayo ekiwuubibwa awali MUKAMA, era kinaabeeranga mugabo gwo awamu ne batabani bo emirembe gyonna; nga MUKAMA Katonda bw'alagidde."

¹⁶ Awo Musa n'abuuliriza ebyali bifudde ku mbuzi ey'ekiweebwayo olw'ekibi, n'avumbula nga baagyokezza dda, n'anyiigira batabani ba Alooni abaali basigaddewo, Eriyazaali ne Isamaali, n'ababuuza nti, ¹⁷ "Lwaki ekiweebwayo ekyo olw'ekibi temwakiriiridde, wali awatukuvu? Kitukuvu nnyo. Kyabaweeddwa kiryoche kiggyiseeko abantu bonna ebibi byabwe, nga mmwe mubatangiririra awali MUKAMA Katonda. ¹⁸ Ng'omusaayi gwayo bwe gutaatwaliddwa munda mu Kifo Ekitukuvu, embuzi eyo ddala mwandigiriiridde awo awatukuvu nga bwe nablagira."

¹⁹ Awo Alooni n'addamu Musa nti, "Laba, olwa leero bawaddeyo eri MUKAMA Katonda ekiweebwayo olw'ebibi byabwe n'ekiweebwayo kyabwe ekyokebwa; naye era ebintu nga bino ne bingwako. MUKAMA Katonda yandisanyuse singa leero ndidde ekiweebwayo olw'ekibi?" ²⁰ Awo Musa bwe yawulira ebigambo ebyo n'amatira.

11

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa ne Alooni nti, ² "Mutegeeze abaana ba Isirayiri nti bino bye biramu bye munaayinzanga okulya mu bisolo byonna eby'oku nsi. ³ Munaayinzanga okulya ensolo yonna erina ekigere ekyaseemu nga kyeyawulidde ddala, era ng'ezza obwenkulumu. ⁴ Kyokka ezo eizza obwenkulumu bwokka, oba ezirina ebigere ebyaseemu byokka, temuziryanga. Ggamba enjamira, newaakubadde ng'ezza obwenkulumu naye ebigere byayo si byaseemu; noolwekyo si nnongoofu. ⁵ N'omusu nagwo guzza obwenkulumu, naye ebigere byagwo si byaseemu; noolwekyo si mulongoofu. ⁶ Ate n'akamyu ak'omu nsiko, newaakubadde nako kazza obwenkulumu naye ebigere byako si byaseemu, noolwekyo si kalongoofu, era temukalyanga. ⁷ Ate mulabe embizzi, newaakubadde ng'ekigere kyayo kyaseemu, ate nga kyeyawulidde ddala, naye tezza bwenkulumu; noolwekyo si nnongoofu gye muli. ⁸ Ebisolo ng'ebyo temulyanga nnyama yaabyo, wadde okukwatako ku mirambo gyabyo; kubanga si birongoofu gye muli.

⁹ "Ku biramu ebiri mu mazzi ag'omu nnyanja n'ag'omu migga mulyangako ebyo ebirina amatu awamu n'amagagamba ku mubiri gwabyo. ¹⁰ Ebiramu byonna ebyekuluumulira mu nnyanja ne mu migga naye nga tebiriko matu oba magagamba binaabanga bya muzizo gye muli. ¹¹ Nga bwe binaabanga eby'omuzizo gye muli, temuulyenga ku nnyama yaabyo, era n'emirambo gyabyo ginaabanga gya muzizo. ¹² Buli kiramu kyonna ekibeera mu mazzi

naye nga tekiriiko matu wadde amagagamba kinaabanga kya muzizo gye muli.

¹³ “Mu nnyonyi, zino ze z’omuzizo era temuuziryenga: empungu, ensegaa, makwanzi,
¹⁴ kamunye, eddiirawamu erya buli ngeri,
¹⁵ ne namunjnoona owa buli ngeri; ¹⁶ maaya, olubugabuga, olusobe, enkambo eza buli ngeri,
¹⁷ ekiwuugulu, enkobbyokkobyo, ekkufufu,
¹⁸ ekiwuugulu eky’amatu, ne kimbala, ensegaa, ¹⁹ kasida, mpabaana owa buli ngeri, ekkookootezi, n’ekinyira.

²⁰ “Ebiwuka byonna ebirina ebiwaawaatiro nga bitambuza amagulu ana binaabanga bya muzizo gye muli. ²¹ Naye mu biwuka ebyo ebirina ebiwaawaatiro era nga bitambuza amagulu ana munaalyangamu ebyo ebirina ennyingo ku magulu gaabyo ebigenda nga bibuuka amacco ku ttaka. ²² Mu ebyo bino bye munaalyanga: enzige eza buli ngeri, n’enseenene eza buli ngeri, n’obunyeenyenkule obwa buli ngeri, n’amayanzi aga buli ngeri. ²³ Naye ebiwuka ebirala byonna eby’ebiwaawaatiro nga birina amagulu ana binaabanga bya muzizo gye muli.

Etteeka ku Bisolo Ebitali Birongoofu

²⁴ “Bino nabyo binaabafuulanga abatali balongoofu; buli anaakwatanga ku mulambo gw’ensolo nga zino anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²⁵ Era buli anaasitulanga ekitundu kyonna eky’omulambo gwazo anaateekwanga okwoza engoye ze, kyokka era anaabanga afuuse atali mulongoofu okutuusa akawungeezi.

²⁶ “Buli nsolo yonna erina ekigere ekyaseemu naye nga tekyeyawulidde ddala, oba nga tezza bwenkulumu, eneebanga ya muzizo gye muli. Buli anaakwatanga ku mulambo gwazo anaabanga afuuse atali mulongoofu. ²⁷ Mu nsolo zonna ezitambulira ku magulu ana, ezo ezitambulira ku bibatu byazo teziibenga nnongoofu gye muli, buli muntu anaakwatanga ku mulambo gwazo anaabanga afuuse atali mulongoofu okutusa akawungeezi. ²⁸ Era n'oyo anaasitulanga omulambo gwazo anaayozanga engoye ze; naye era anaabanga afuuse atali mulongoofu okutusa akawungeezi. Teziibenga nnongoofu gye muli.

²⁹ “Mu nsolo ezigenda zisoobera ku ttaka; zino teziibenga nnongoofu gye muli: eggunj, emmese, amakonkome amanene aga buli ngeri; ³⁰ anaka, enswaswa, omunya, ekkonkome, ne nnawolovu. ³¹ Mu ezo zonna ezisoobera ku ttaka ezo teziibenga nnongoofu gye muli. Era buli anaazikwatangako nga zimaze okufa anaabanga afuuse atali mulongoofu okutusa akawungeezi. ³² Era emu ku zo bw'eneefanga n'egwa ku kintu eky'engeri yonna ekikozesebwa, ekintu ekyo kinaafuukanga ekitali kirongoofu, obanga ekintu ekyo kyakolebwa mu muti, oba mu lugoye, oba mu ddiba oba mu kkutiya. Kiteekewenga mu mazzi. Tekiibenga kirongoofu okutusa akawungeezi; kyokka oluvannyuma kinaalongookanga. ³³ Era emu ku zo bw'eneegwanga mu nsaka ey'ebbumba, byonna ebiri mu nsaka omwo binaafuukanga ebitali birongoofu, era ensaka eyo muteekwa buteekwa okugyasanga.

³⁴ Emmere eneebanga egenda okuliibwa naye n'ebaako amazzi agavudde mu nsaka omwo, teebenga nnongoofu, n'amazzi agandinywered-dwa okuva mu nsaka omwo tegaabenga malongoofu. ³⁵ Era buli kintu kyonna omulambo gw'ensolo zino kwe gunaabanga gugudde ku masiga okufumbirwa oba mu ntamu, binaayasibwayasibwanga, kubanga si birongoofu; era tebiibenga birongoofu gye muli. ³⁶ Naye bwe gunaagwanga mu luzzi oba mu ppiya y'amazzi, ebyo byo binaasigalanga birongoofu; naye oyo yenna anaakwatanga ku mulambo ogwo taabenga mulongoofu. ³⁷ Singa omulambo gugwa ku nsigo ez'engeri yonna ezigenda okusimbibwa, zinaasigalanga nnongoofu. ³⁸ Naye singa ensigo ziyyibbwako amazzi, omulambo ne guzigwako, teziibenga nnongoofu gye muli.

³⁹ "Singa ensolo yonna ku ezo ze mukkirizibwa okulya efa, oyo yenna anaakwatanga ku mulambo gwayo anaabanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ⁴⁰ Oyo anaalyanga ku nnyama y'omulambo kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, era taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi. Oyo yenna anaasitulanga omulambo, kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, naye taabenga mulongoofu okutuusa akawungeezi.

⁴¹ "Buli kitonde kyonna ekitambulira ku ttaka kinaabanga kya muzizo, temuukiryenga. ⁴² Temuulyenga kitonde kyonna ekyekululira ku ttaka, obanga kyewalulira ku lubuto lwakyo, oba nga kitambuza amagulu, oba nga

kikozesa ebigere bingi; kinaabanga kya muzizo.
 43 Temuganyanga kwonoonebwa bitonde ebyo n'ekimu. Temubikozesanga temulwa kweyonoona, era temubikkirizanga kubafuula abatali balongoofu. 44 Kubanga Nze MUKAMA Katonda wammwe, kale mwetukuzanga ne mubeera batukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu. Temwesemberezanga ebitonde ebyo ebitambulira ku ttaka ne bibafuula abatali balongoofu. 45 Kubanga Nze MUKAMA eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, okubeera Katonda wammwe; noolwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu.

46 “Ago ge mateeka agakwata ku nsolo, ne ku nnyonyi, ne ku buli kiramu kyonna eky'omu mazzi, ne ku buli kitonde kyonna ekyewalulira ku ttaka. 47 Kibasaaniranga mwawulemu, mu bitonde ebiramu ebirongoofu ebisaana okuliibwanga, ne mu bitonde ebiramu ebitali biron-goofu ebitasaana kuliibwanga.”

12

Okutukuzibwa Oluvannyuma lw'Okuzaala

1 MUKAMA n'agamba Musa nti, 2 “Abaana ba Isirayiri bagambe nti, ‘Omukazi bw'anaabanga olubuto, n'azaala omwana nga wabulenzi, omukazi oyo taabenga mulongoofu okumala ennaku musanvu, okufaanana nga bw'atabeera mulongoofu ng'ali mu kiseera ky'okulwala kw'abakazi okwa buli mwezi. 3 Ku lunaku olw'omunaana omwana oyo omulenzi

anaakomolebwanga. ⁴ Ate omukazi anaalindanga ne wayitawo ennaku amakumi asatu mu ssatu alyoke atukuzibwe olw'omusaayi ogwamuvaamu ng'azaala. Taakwatenga ku kintu ekitukuvu wadde okuyingiranga mu watukuvu okutuusa ng'ennaku z'okutukuzibwa kwe ziweddeko. ⁵ Naye bw'anaabanga azadde omwana wabuwala, omukazi taabenga mulongoofu okumala wiiki bbiri, nga bw'abeera ng'ali mu kiseera kye eky'okulwala kw'abakazi okwa buli mwezi. Ate anaalindanga ennaku nkaaga mu mukaaga alyoke alongoosebwe olw'omusaayi ogwamuvaamu ng'azaala.

⁶ “Ennaku z'omukazi oyo ez'okutukuzibwa bwe zinaggwangako, bw'anaabanga azadde omwana mulenzi oba muwala, anaaleetanga eri kabona ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋŋaanirangamu, omwana gw'endiga oguwezezza omwaka gumu obukulu okuguwaayo ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ng'enjiibwa ento oba ejjiba ng'ekiweebwayo olw'ekibi. ⁷ Kabona anaabiwangayo eri MUKAMA okutangirira omukazi oyo; bw'atyo anaabeeranga mulongoofu olw'omusaayi ogwamuvaamu ng'amaze okuzaala.

“Ago ge mateeka agakwata ku mukazi anaazaalanga omwana owoobulenzi oba owoobuwala. ⁸ Bw'anaabanga tasobola kuwaayo mwana gwa ndiga, anaaleetanga bibiri bibiri ku bino: enjiibwa ento bbiri oba amayiba abiri, ekimu nga ky'ekiweebwayo ekyokebwa n'ekirala nga ky'ekiweebwayo olw'ekibi. Mu

ngeri eno kabona anaamutangiririranga,
bw'atyo n'afuuka mulongoofu.'"

13

Amateeka ku Ndwadde Ez'oku Lususu Ezikwata

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti,
² "Omuntu yenna bw'anaabanga n'akazimbye
 ku lususu lw'omubiri gwe, oba awabutuse, oba
 awali akatulututtu, ne wafaanana ng'awali
 endwadde ey'ebigenge, aleetebwenga eri
 Alooni kabona, oba eri omu ku batabani be
 bakabona. ³ Kabona anaakeberanga ekifo
 ekyo awazimbye ku lususu, bw'anaasanganga
 ng'obwoya obuli awo awazimbye bufuuse
 bweru, ate nga awalwadde wennyise okusinga
 olususu lw'omubiri gw'omuntu oyo, ng'olwo
 ebyo bigenge. Kabona bw'anaamalanga
 okumukebera anaalangiriranga nti omuntu
 oyo si mulongoofu. ⁴ Naye awazimbye bwe
 wanaabanga walungudde, naye nga tewennyise
 okusinga olususu lw'omubiri gwe, ate nga
 n'obwoya mu wazimbye awo tebufuuse bweru,
 kabona anaasibiranga omuntu oyo omulwadde
 mu kalantiini okumala ennaku musanvu. ⁵ Ku
 lunaku olw'omusanvu kabona anaakeberanga
 omuntu oyo; bw'anaasanganga ng'awazimbye
 teweeyongedde, era nga n'obulwadde obwo
 tebusaasaanye ku lususu, anaayongeranga
 okumusibira mu kalantiini ennaku endala
 musanvu. ⁶ Ku lunaku olw'omusanvu
 kabona anaddangamu okumukebera, kale
 bw'anaasanganga ng'obuzimbu tebukyalabika

nnyo, era obulwadde obwo nga tebusaasaanye ku lususu, anaamulangiriranga nti mulongoofu; kubanga kubadde kubutuka bubutusi. Omuntu oyo anaayozanga engoye ze, era anaabanga mulongoofu. ⁷ Naye okubutuka okwo bwe kunaasaasaananga ku lususu oluvannyuma lw'okwelianjula eri kabona amulangirire nti mulongoofu, anaateekwanga okuddayo eri kabona yeeyanjule buto. ⁸ Kabona anaamukeberanga, bw'anaasanganga ng'okubutuka kusaasaanye ku lususu ku mubiri, kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu; ng'ebyo bigenge.

Amateeka g'Ebigenge ne kwe Bitegeererwa

⁹ “Omuntu yenna bw'anaakwatibwanga ebigenge, anaaleetebwanga eri kabona. ¹⁰ Kabona anaamukeberanga, bw'anaasangangawo obuzimbu obweru ku lususu nga bwerusizza n'obwoya, era awazimbye nga waliwo n'ennyama y'omubiri erungudde, ¹¹ ebyo binaabanga bigenge eby'olutentezi ku lususu lw'omubiri gw'omuntu oyo, era kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu. Taasibibwenga mu kalantiini, kubanga amaze okutegeererwawo nga bw'atali mulongoofu.

¹² “Naye singa ebigenge bisaasaana ku lususu ne bituuka wonna wonna okuva ku mutwe gw'omuntu oyo okutuuka ku bigere nga kabona bw'asobola okulaba, ¹³ kale kabona anaakeberanga omuntu oyo; bwe kinaazuulbwanga ng'ebigenge bibunye omubiri gw'omuntu oyo

gwonna, anaamulangiriranga nga bw'ali omulongoofu; kubanga omubiri gwe gwonna gufuuse mweru, oyo mulongoofu. ¹⁴ Naye ku lususu lw'omuntu oyo bwe kunaalabikan-gako ennyama erungudde taabenga mulongoofu. ¹⁵ Kabona anaakeberanga ennyama eyo erungudde, n'amulangirira nga bw'atali mulongoofu. Ennyama erungudde si nnongoofu, kubanga bigenge. ¹⁶ Naye singa ennyama erungudde ekyuka n'efuuka enjeru, omuntu oyo anajjanga eri Kabona. ¹⁷ Kabona anaamukeberanga, bw'anaazuulanga ng'olususu olulwadde lufuuse lweru, anaalangiriranga omulwadde oyo okuba omulongoofu; bw'atyo anaabanga mulongoofu.

¹⁸ “Omuntu bw'anaabanga alwadde ejjute ku lususu lwe, naye ne liwona, ¹⁹ kyokka mu kifo awaali ejjute ne wajjavo obuzimbu obweru oba akatulututtu akatwakaavu, wasaana walagibwe kabona. ²⁰ Kabona anaakeberangawo, bw'anaasanganga nga wennyise okusinga olususu, nga n'obwoya bwawo bufuuse bweru; kale kabona analangiriranga omuntu oyo nga bw'atali mulongoofu. Obwo bulwadde bwa bigenge ebifulumidde awo awaali ejjute. ²¹ Naye kabona bw'anaakeberangawo, n'asanga ng'obwoya obuliwo si bweru, ate nga tewennyise okusinga olususu era nga tewakyalabika nnyo, kale kabona anaasibanga omuntu oyo mu kalantiini okumala ennaku musanvu. ²² Naye obulwadde obwo bwe bunaasaasaananga ku lususu, kale kabona analangiriranga omuntu oyo nti si mulongoofu, ebyo nga bigenge. ²³ Naye

obuzimbu bwe bunaasigalanga mu kifo kimu ne butasaasaana, eyo eneebangaa nkova ya jjute, era kabona anaalangiriranga omuntu oyo nti mulongoofu.

²⁴ “Singa wabaawo ku lususu lw’omuntu awayidde omuliro, awo awali ennyama eyidde ne wazimba, ne wafuuka watwakaavu oba weeru, ²⁵ kabona anaakeberangawo, obwoya bwawo bwe bunaabanga bufuuse bweru, ate nga walabika ng’awennyise okusinga olususu, ebyo nga bigenge bye bifulumye ku lususu oluyidde. Kabona anaalangiriranga omuntu oyo nti si mulongoofu; ebyo binaabanga bigenge. ²⁶ Naye kabona bw’anaakeberanga awo awayidde, n’asanga ng’obwoya obuliwo si bweru, era nga tewennyise kusinga lususu, naye nga tewakyalabika nnyo, kabona anaasibiranga omuntu oyo mu kalantiini okumala ennaku musanvu. ²⁷ Ku lunaku olw’omusanvu kabona anaamukeberanga, kale bw’anaasanganga ng’obulwadde busaasaana ku lususu, kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu; ebyo nga bigenge. ²⁸ Naye obulwadde bwe bunaasigalanga mu kifo ekimu ne butasaasaana ku lususu, era ng’awazimbu tewakyalabika nnyo, buno bunaabanga buzimbu obuleeteddwa omuliro ogwayokyawo; kale kabona anaamulangiriranga nti mulongoofu; kubanga eyo y’enkova ku lususu awaayokebwa omuliro.

²⁹ “Omusajja oba omukazi bw’anaalwalanga ebbwa ku mutwe oba ku kalevu, ³⁰ kabona anaakeberanga ebbwa eryo, bwe linaabanga

lyennyise okusinga olususu, nga n'obwoya obulirimu bwa kyenvu ate nga bwa matalaga; kale kabona anaamulangiriranga nti si mulongoofu; eryo nga lye bbwa erisiiwa, nga bye bigenge eby'oku mutwe oba eby'oku kalevu.

³¹ Kabona bw'anaakeberanga ebbwa erisiiwa, n'asanga nga teryennyise kuyisa lususu, ate nga mu lyo nga temuliimu bwoya buddugavu, kale kabona anaasibiranga omuntu oyo alina ebbwa erisiiwa mu kalantiini amalemu ennaku musanvu. ³² Ku lunaku olw'omusantu kabona anaakeberanga ebbwa eryo, bw'anaasanganga ng'okusiwa tekusaasaanye, ate nga mu bbwa temuliimu bwoya bwa kyenvu, era ng'awasiwiwa tewennyise kusinga lususu, ³³ omuntu oyo asaananga amwebwe okuggyako awo awalwadde wokka; ate kabona anaamusibiranga mu kalantiini ennaku endala musanvu. ³⁴ Ku lunaku olw'omusantu kabona anaakeberanga awo awasiwiwa, okusiwa bwe kunaabanga tekusaasaanye ku lususu, ate nga tewennyise kusinga lususu, kale, kabona anaalangiriranga omuntu oyo nga bw'ali omulongoofu; era omuntu oyo anaayozanga engoye ze n'abeera mulongoofu. ³⁵ Naye okusiwa bwe kunaasaasaananga ku lususu ng'amaze okulongooka, ³⁶ kabona anaayongeranga okumukebera, bw'anaasanganga ng'okusiwa kusaasaanye ku lususu, kabona taanoonyenga bwoya bwa kyenvu mu bbwa eryo; omuntu oyo si mulongoofu. ³⁷ Naye mu kulaba kwa kabona, okusiwa bwe kunaabanga tekweyongedde, nga n'obwoya obwa kyenvu

bukuze mu bbwa, olwo ng'okusiiwa kuwonye, era omuntu oyo nga mulongoofu era kabona naye anaamulangiriranga nti mulongoofu.

³⁸ "Omusajja oba omukazi bw'anaabanga n'obutulututtu obweru ku mubiri gwe, ³⁹ kabona anaamukeberanga, bw'anaasanganga ng'obutulututtu bweruyeru, okwo kuba kubutukabutuka okuyiise ku lususu lw'omuntu oyo, ye aba mulongoofu.

⁴⁰ "Omusajja bw'anaakuunyuukangako enviiri ze ku mutwe gwe zonna, anaabeeranga kyemwa, naye nga mulongoofu. ⁴¹ Era omusajja bw'anaakuunyuukangako enviiri ze ez'omu maaso nga ku kyenyi, oyo anaabanga wa kiwalaata eky'omu bwenyi, kyokka nga mulongoofu. ⁴² Naye mu mutwe omutali nviiri oba mu kiwalaata eky'omu bwenyi bwe munaa-bangamu akafo akalwadde ebbwa nga kalungudde keeruyeru nga kalimu obumyufumyufu, ebyo nga bigenge bye bifulumye mu mutwe ogutaliimu nviiri oba mu kiwalaata eky'omu bwenyi. ⁴³ Kale kabona anaakeberanga omuntu oyo, bw'anaasanganga ng'akafo ako awalwadde ebbwa era awazimbye mu mutwe oguweddemu enviiri oba mu kiwalaata ekiri mu bwenyi, nga kalungudde era nga weeruyeru nga kalimu obumyufumyufu, nga walabika ng'ebigenge bwe biba nga biri ku lususu olw'omubiri, ⁴⁴ omuntu oyo anaabanga mugenge, nga si mulongoofu. Kabona anaamulangiriranga nga bw'atali mulongoofu, olw'obulwadde obwo mu mutwe gwe.

⁴⁵ "Omuntu anaalwalanga ebigenge anaayam-

balanga engoye njulifu, n'enviiri z'oku mutwe gwe anaazirekanga ne zikula ne ziduumuuka, anaabikkanga ku mumwa gwe ogw'engulu n'atambula nga bw'aleekaana nti, 'Siri mulongoofu! Siri mulongoofu!' ⁴⁶ Ebbanga lyonna omuntu ly'anaamalanga ng'alina obulwadde obwo anaabeeranga si mulongoofu. Anaasulanga yekka mu nnyumba ye ebweru w'olusiisira.

Ebigenge mu Byambalo

⁴⁷ "Obulwadde bw'ebigenge bwe bunaalabikanga mu byambalo by'omusajja oba eby'omukazi, ebyambalo ebyo nga bikoleddwa mu byoya by'endiga oba mu bafuta oba maliba, ⁴⁸ oba mu nfunyiro ne mu ntabiro z'ebiyambalo by'ebiyoya by'endiga, oba mu bafuta oba mu maliba, oba mu kyambalo ekya buli ngeri yonna ekitungiddwa mu maliba; ⁴⁹ era obulwadde obwo bwe bunaalabikanga nga bwa langi ya kiragalalagala oba myufumyufu, nga buli mu kyambalo oba mu nfunyiro oba mu ntabiro zaakyo, oba mu kyambalo kyonna ekitungiddwa mu maliba; obwo nga bulwadde bwa bigenge, era bunaalagibwanga kabona. ⁵⁰ Kabona anaakeberanga obulwadde obwo, anaasibiranga ekintu ekyo omuli obulwadde mu kalantiini okumala ennaku musanvu. ⁵¹ Ku lunaku olw'omusanvu kabona anaakeberanga obulwadde obwo. Bw'anaasanganga ng'obulwadde obwo bauaasanye mu kyambalo, mu nfunyiro oba mu butungiro oba mu maliba, oba mu kyonna ekitungiddwa mu

maliba, ng'amanya ng'obulwadde obwo bwa bigenge ebitta n'omuntu; ekyo ekyambalo nga si kirongoofu. ⁵² Kabona anaayokyanga ebyambalo ebyo, obanga obulwadde buli mu nfunyiro oba mu ntabiro ez'ebiyambalo ebya bafuta oba eby'ebyoza by'endiga, oba ebirala byonna ebitungiddwa mu maliba, kubanga obwo bwe bulwadde bw'ebigenge ebittira ddala. Ebyambalo ebyo binaayokebwanga mu muliro.

⁵³ "Kabona bw'anaabanga akebedde ekyambalo ekirimu obulwadde, n'asanga nga tebusaasaanye mu kyambalo, ne mu nfunyiro zaakyo, oba ne mu ntabiro, oba ne mu kyonna ekitungiddwa mu maliba, ⁵⁴ kale kabona anaalagiranga ne bayoza ekyambalo ekyo omuli obulwadde, n'ayongera okukisibira mu kalantiini ennaku endala musanvu. ⁵⁵ Awo kabona anaakeberanga ekyambalo ekyo ekyoze, bw'anaasanganga ng'erangi y'akafo awali obulwadde tekyuse, newaakubadde ng'obulwadde tebusaasaanye, ekyambalo ekyo nga si kirongoofu. Mukyokyanga mu muliro, awali ebigenge ne bwe wanaabanga mu kyambalo mu maaso oba mu mabega gaakyo. ⁵⁶ Naye kabona bw'anaakeberanga n'asanga nga bwe bamaze okwoza ekyambalo, akafo aka awali obulwadde tekakyalabika nnyo, akafo aka anaakayuzangamu mu kyambalo ekyo, oba mu ddiba oba mu kiruke kyonna ekyambalwa. ⁵⁷ Naye obulwadde obwo bwe bunaalabikanga nate mu kyambalo, oba mu kyambalo eky'eddiba oba ekiruke, nga busaasaanye, kale munaayokyanga mu muliro

ekyambalo ekyo omuli obulwadde. ⁵⁸ Naye mu kyambalo kyonna, oba ekyambalo eky'eddiba oba ekiruke, obulwadde bwe buggwangamu nga kimaze okwozebwaka, kale kinaayozebwanga omulundi ogwokubiri, ne kiba kirongoofu."

⁵⁹ Eryo lye tteeka ery'obulwadde bw'ebigenge mu byambalo by'ebiyoya by'endiga, oba linena, oba ebiruke obulusi, oba ebitunge mu maliba mu ngeri ezitali zimu, erinaasinziirwangako okulangirira obanga ekyambalo kirongoofu oba si kirongoofu.

14

Abagenge Okufuulibwa Abalongoofu

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ² "Lino lye tteeka erinaagobererwanga ku lunaku omugenge lw'anaafuulibwanga omulongoofu mu ngeri entongole ng'aleeteddwa eri kabona. ³ Kabona anaafulumanga n'agenda ebweru w'olusisira n'akebera omuntu oyo. Awo bw'anaasanganga ng'obulwadde bw'ebigenge* bumuwonyeeko, ⁴ kabona anaalagiranga okuleetera omuntu oyo agenda okufuulibwa omulongoofu, ebinyonyi bibiri ebiramu ebirongoofu, n'omuti omwerezzi, n'oluwuzi olumyufu, n'ezobu. ⁵ Kabona anaalagiranga okuttira emu ku nnyonyi ziri ebbiri waggulu w'amazzi amalungi agali mu luggyoo. ⁶ Anaddiranga ennyonyi ennamu, awamu n'omuti omwerezzi, n'oluwuzi olumyufu,

* **14:3** ebigenge Mu Lwebbulaniya, kiyinza okutegeeza n'endwadde endala ez'olususu

n'ezobu, byonna ebyo n'abinnyika mu musaayi gw'ennyonyi enettirwanga waggulu w'amazzi amalungi. ⁷ Anaamansiranga omusaayi emirundi musanvu ku oyo omulwadde w'ebigenge agenda okufuulibwa omulongoofu; era anaamulangiriranga nti mulongoofu. Ekinyonyi kiri ekiramu, kabona anaakirekanga n'ekibuuka n'ekigenda. ⁸ Omuntu oyo anaabanga agenda okufuulibwa omulongoofu anaayozanga engoye ze, n'amwako enviiri ze, n'anaaba mu mazzi, n'abeera mulongoofu. Ebyo nga biwedde anaayingiranga mu lusiisira, naye aijanga kumala ennaku musanvu ng'asula bweru wa weema ye. ⁹ Ku lunaku olw'omusantu omuntu oyo anaayongeranga okumwa ku mutwe gwe enviiri ze zonna, anaamwangako n'ebirevu bye, n'ebisige bye, n'obwoya obulala bwonna obumwebwa. Ate anaayozanga engoye ze, n'anaaba omubiri gwe gwonna mu mazzi, bw'atyo n'afuuka mulongoofu.

¹⁰ "Ku lunaku olw'omunaana anaaleetanga abaana b'endiga abalume babiri abataliiko kamogo, n'omwana gw'endiga omuluusi nga gwa mwaka gumu ogw'obukulu, n'aleeterako n'obuwunga obulungi obw'emmere ey'empeke obuveza kilo ssatu obw'ekiweebwayo, ng'abutabudde mu mafuta, n'aleeterako n'ebbakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni eweza desimoolo ssatu eza lita. ¹¹ Awo kabona ow'okulangiriranga omuntu oyo okuba omulongoofu, anaamuleetanga, awamu n'ebiweebwayo bye, awali MUKAMA Katonda mu mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu.

12 Awo kabona anaddiranga omu ku baana b'endiga omulume n'aguwaayo awamu n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni, ng'ekiweebwayo olw'omusango, anaabiwubanga ng'ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekiwiuibibwawuubibwa. **13** Omwana gw'endiga ogwo anaaguttiranga mu kifo ekitukuvu, ekiweebwayo olw'ekibi n'ekiweebwayo ekyokebwa we bittirwa. Okufaanana ng'ekiweebwayo olw'ekibi, ekiweebwayo olw'omusango nakyo kinaabanga kya kabona; nga kitukuvu nnyo. **14** Awo kabona anaatoolanga ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango n'agusiiga ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo anaabeeranga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu eky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa ddyo. **15** Kabona anaddiranga ku mafuta ag'omuzeeyituuni ag'omu pakuli n'agafukako mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, **16** anannyikanga olunwe lwe olwa ddyo mu mafuta ag'omuzeeyituuni agali mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, n'amansira n'olunwe lwe ku mafuta ag'omuzeeyituuni emirundi musanvu awali MUKAMA Katonda. **17** Kabona anaddiranga agamu ku mafuta ag'omuzeeyituuni aganaabanga gasigadde mu kibatu kye n'agasiiga ku lukugiro lw'okutu kw'oyo anaabeeranga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu ky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa

ddyo, ng'agasiiga kungulu ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango. ¹⁸ Kabona anaddiranga amafuta ag'omuzeeyituuni aganaabanga gasigadde mu kibatu kye n'agasiiga mu mutwe gw'oyo ajja okufuulibwa omulongoofu, n'amutangiririra awali MUKAMA. ¹⁹ Kabona anaawangayo ekiweebwayo olw'ekibi, atangiririre oyo atali mulongoofu ajja okufuulibwa omulongoofu. Oluvannyuma kabona anattanga ekiweebwayo ekyokebwa, ²⁰ n'akiwaayo ku kyoto awamu n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke. Bw'atyo kabona anaatangiririranga omuntu oyo, n'afuuka mulongoofu.

²¹ "Naye omuntu oyo bw'anaabanga omwavu ng'ebyo byonna tabisobola, anaaleetanga omwana gw'endiga omulume gumu okuba ekiweebwayo olw'omusango, ne kiwuubibwa okumutangiririranga, okwo n'agattirako ne kimu kya kkumi ekya efa eky'obuwunga obulungi ennyo obutabikiddwa mu mafuta, nga kye kiweebwayo eky'emmere y'empeke, n'agattako n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni; ²² n'amayiba abiri oba enjiibwa ento bbiri, ng'okufuna kwe bwe kunaamusobozesanga; emu eneebangaa ya kiweebwayo olw'ekibi, endala nga ya kiweebwayo ekyokebwa. ²³ Ebyo byonna eby'okumufuula omulongoofu anaabireetanga eri kabona ku lunaku olw'omunaana, ku mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaaanirangamu, awali MUKAMA.

²⁴ Kabona anaddiranga omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'epakuli y'amafuta ag'omuzeeyituuni, n'abiwuuba nga kye kiweebwayo ekiwuubibwawuubibwa awali MUKAMA. ²⁵ Kabona anattanga omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo olw'omusango; n'addiria ogumu ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango, n'agusiiga ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, era ne ku kinkumu eky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa ddyo. ²⁶ Kabona anaafukanga agamu ku mafuta mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, ²⁷ n'amansira n'olunwe lwe olwa ddyo agamu ku mafuta ago agali mu kibatu ky'omukono gwe ogwa kkono, emirundi musanvu awali MUKAMA. ²⁸ Era kabona anaasiiganga agamu ku mafuta ag'omuzeeyituuni agali mu kibatu ky'omukono gwe ku lukugiro lw'okutu okwa ddyo okw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, ne ku kinkumu eky'engalo ey'omukono gwe ogwa ddyo, ne ku kigere ekisajja eky'oku kugulu kwe okwa ddyo, ng'agasiiga kungulu ku musaayi ogw'ekiweebwayo olw'omusango. ²⁹ Kabona anaddiranga amafuta ag'omuzeeyituuni aganaabanga gasigadde mu kibatu kye, n'agasiiga ku mutwe gw'oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu, okumutangiririra eri MUKAMA. ³⁰ Era anaawangayo, ng'obusobozi bwe gye bunaakomanga, amayiba oba enjiibwa ento, ³¹ ekinyonyi

ekimu ng'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekyokubiri ng'ekiweebwayo ekyokebwa, ng'agattirako n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke. Kabona anaamutangiriranga oyo anaabanga azze okufuulibwa omulongoofu eri MUKAMA.³² Ago ge mateeka aganaagobererwanga omuntu omugenge anaabanga tasobola biweebwayo ebya bulijjo, alyoke afuuke omulongoofu.”

Ebigenge mu Mayumba

³³ MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, ³⁴ “Bwe muliyingira mu nsi ya Kanani gye mbawadde okugirya, ne musanga nga ntadde ebigenge mu emu ku nnyumba ez'omu nsi eyo, ³⁵ kale, oyo anaabanga nannyini nnyumba eyo anajjanga n'ategeeza kabona nti, ‘Mu nnyumba yange mufaanana ng'omuli obulwadde.’ ³⁶ Kabona anaalagiranga ne bafulumya ebintu byonna ebiri mu nnyumba ne babimalamu, nga tannaba kuyingiramu kukebera obulwadde obwo nga bwe buli, si kulwa nga byonna ebiri mu nnyumba biyitibwa ebitali birongoofu. Ekyo nga kiwedde kabona anaayingiranga mu nnyumba n'agikebera. ³⁷ Anaanoonyanga obulwadde we buli; bw'anaabusanganga ku bisenge by'ennyumba eyo, nga kuliko amabala aga kiragalalagala oba amamyukirivu, era nga galabika gayingidde munda mu mubiri gw'ekisenge, ³⁸ olwo kabona anaafulumanga mu nnyumba eyo, n'agiggala okumala ennaku musanvu. ³⁹ Ku lunaku olw'omusanvu kabona anaakomangawo n'akebera ennyumba eyo. Bw'anaasanganga

ng'obulwadde busaasaanidde ku bisenge by'ennyumba eyo,⁴⁰ kale, anaalagiranga ne basokoola mu bisenge amayinja gonna agaliko obulwadde ne bagasuula ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.⁴¹ Era anaalagiranga ebisenge byonna eby'omu nnyumba eyo ne bikalakatibwa, ebintu byonna ebikalakatibbwako ne bisuulibwa ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.⁴² Era banaddiranga amayinja amalala ne bagazimba mu bifo by'agali agaggyibwamu, ne batabula bulungi omusenyu, ennyumba yonna n'ekubibwa omusenyu.

⁴³ “Singa obulwadde buddamu okuzuuka, oluvannyuma lw'ennyumba okugiggyamu amayinja gali, n'okugikalakata era n'okugikubako omusenyu omuggya,⁴⁴ kale, kabona anaagendangayo ne yeetegereza; bw'anaasanganga ng'obulwadde busaasaanye mu nnyumba, ng'ebyo bigenge bye biri mu nnyumba, era nga si nnongoofu.⁴⁵ Anaalagiranga ennyumba eyo n'emenyebwawo, amayinja gaayo n'embaawo zaayo n'omusenyu ogwagikubwako, byonna binaasitulwanga ne bisuulibwa ebweru w'ekibuga mu kifo ekitali kirongoofu.⁴⁶ Ennyumba eyo bw'eneebanga tennamenyebwawo, omuntu yenna anaayingiranga mu nnyumba eyo mu kiseera ky'eneemalanga nga nzigale anaabanga si mulongoofu okutuusa akawungeezi.⁴⁷ N'omuntu yenna anaasulanga mu nnyumba

eyo oba anaaliirangamu, anaayozanga engoye ze.

⁴⁸ “Naye kabona bw'anajjanga n'akebera mu nnyumba eyo ng'emaze okukubibwako omusenyu, n'asanga ng'obulwadde tebwasaasaana; kale, kabona anaalangiriranga ng'ennyumba eyo bw'eri ennongoofu, kubanga olwo ng'obulwadde bugenze. ⁴⁹ Okufuula ennyumba ennongoofu kabona anaddiranga ebinyonyi bibiri n'akabaawo k'omuti omwerezzi, n'ekiwero ekimyufu n'ezobu. ⁵⁰ Anattiranga ekimu ku binyonyi mu mazzi amalungi mu kibya eky'ebbumba. ⁵¹ Awo anaddiranga akabaawo k'omuti omwerezzi n'ezobu, n'ekiwero ekimyufu, n'ekinyonyi ekikyali ekiramu, n'abinnyika mu musaayi gw'ekinyonyi ekyattiddwa ne mu mazzi amalungi, n'alyoka amansira ennyumba yonna emirundi musanvu. ⁵² Ennyumba anaagifuulanga ennongoofu n'omusaayi gw'akanyonyi, n'amazzi amalungi, n'akanyonyi akalamu, n'akabaawo k'omuti omwerezzi, n'ezobu n'ekiwero ekimyufu. ⁵³ Awo n'afulumya ekinyonyi ekiramu ebweru w'ekibuga n'akiteera eyo ne kibuuka ne kigenda. Mu ngeri eyo anaatangiririranga ennyumba eyo era eneebangaa nnongoofu.”

⁵⁴ Ago ge mateeka aganaagobererwanga ku bulwadde bw'ebigenge, omubiri ogusiiwa, ⁵⁵ ebigenge mu ngoye oba mu nnyumba, ⁵⁶ oba okubutukabutuka, oba obutulututtu, ⁵⁷ okusinziirako okutegeera obanga ekintu kirongoofu oba si kirongoofu. Ago ge mateeka ku bigenge.

15

Amateeka ku Butali Bulongoofu mu Basaja

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti,
² "Mugambe abaana ba Isirayiri nti omusajja
 yenna bw'anaavangamu ebitonnya mu bitundu
 bye ebyekyama, ebimuvaamu ebyo binaabanga
 ebitali birongoofu. ³ Era lino ly'etteeka
 ery'obutali bulongoofu bwe obuleeteddwa ebyo
 ebimuvaamu: obanga bitonnya obutasalako,
 obanga birekdeddaawo, bunaabanga obutali bu-
 longooofu mu musajja oyo.

⁴ "Buli kitanda omusajja oyo alina ebimu-
 vaamu ky'anaasulangako kinaabanga si kiron-
 goofu, ne buli kintu ky'anaatuulangako ky-
 onna kinaabanga si kirongoofu. ⁵ Omuntu
 yenna anaakwatanga ku kitanda ky'omusajja
 oyo naye anaafuukanga atali mulongoofu oku-
 tuusiza ddala akawungeezi, era anaateekwanga
 okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.
⁶ Omuntu yenna anaatuulanga ku kintu kyonna
 omusajja oyo alina ebimuvaamu kw'anaabanga
 amaze okutuula, anaafuukanga atali mulon-
 goofu okutuusa akawungeezi, era anaateek-
 wanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.
⁷ Era omuntu yenna anaakwatanga ku musajja
 oyo alina ebimuvaamu, anaafuukanga atali
 mulongoofu okutuusa akawungeezi, era anaateek-
 wanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu
 mazzi. ⁸ Omusajja oyo alina ebimuvaamu
 bw'anaawandanga amalusu ku muntu omulon-
 goofu, omuntu oyo anaafuukanga atali mu-
 longooofu okutuusa akawungeezi, era anaateek-

wanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.

⁹ Era n'amatandiiko gonna omusajja oyo alina ebimuvaamu kw'aneebagaliranga ganaabanga agatali malongoofu, ¹⁰ era n'omuntu anaakwatanga ku kintu ekirala kyonna ekinaabanga wansi w'omusajja oyo anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi.

¹¹ Omuntu yenna, omusajja oyo alina ebimuvaamu gw'anaakwatangako nga tasoosee kunaaba mu ngalo mu mazzi anaafuukanga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi, era anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba mu mazzi. ¹² Ekibumbe kyonna ekikozesebwu mu maka bwe kinaakwatibwangako omusajja oyo alina ebimuvaamu kinaayasibwanga, na buli ekikozesebwu mu maka eky'omuti kinaanaazibwanga mu mazzi.

¹³ "Omusalija anaabanga alina ebimuvaamu bw'anaafuulibwanga omulongoofu, aneebaliranga ennaku musanvu ez'okufuulibwa omulongoofu; anaateekwanga okwoza engoye ze n'okunaaba omubiri gwe mu mazzi amayonjo agakulukuta, bw'atyo anaafuukanga mulongoofu. ¹⁴ Ku lunaku olw'omunaana kinaamusaaniranga okuddira amayiba abiri oba enjiibwa ento bbiri n'ajja awali MUKAMA mu mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu n'abikwasa kabona.

¹⁵ Kabona anaabiwangayo, ekimu nga kye kiweebwayo olw'ekibi n'ekirala nga kye kiweebwayo ekyokebwa. Mu ngeri eyo

kabona anaatangiririranga omusajja oyo olw'ebimuvaamu eri MUKAMA.

¹⁶ "Omusajja bw'anaavangamu amazzi g'obusajja anaateekwanga okunaaba omubiri gwe n'amazzi, era anaasigalanga nga si mulongoofu okutuusa akawungeezi. ¹⁷ Buli lugoye olwambalwa oba eddiba nga kuliko amazzi g'obusajja, binaateekwanga okwozebwmu mazzi, era binaabanga ebitali birongoofu okutuusa akawungeezi. ¹⁸ Omusajja bw'aneebakanga n'omukazi, ne wabaawo amazzi g'obusajja agafulumizibwa, bombi banaanaabanga mu mazzi agatukula, era banaabeeranga abatali balongoofu okutuusa akawungeezi.

Amateeka ku Butali Bulongoofu mu Bakazi

¹⁹ "Omukazi bw'anaavangamu omusaayi ng'empisa ye eya bulijjo eya buli mwezi bw'eba, anaabeeranga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu, ne buli anaamukwatangako anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²⁰ Mubbanga eryo ng'omukazi oyo si mulongoofu buli kintu kyonna ky'anaagalamirangako kinaabanga ekitali kirongoofu, ne buli kintu kyonna ky'anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu. ²¹ Era buli anaakwatanga ku kitanda kye kinaamusaaniranga okwoza engoyez, n'okunaaba mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²² Buli anaakwatanga ku kintu kyonna omukazi oyo ky'atuulako, anaateekwanga

okwoza engoye ze n'okunaaba omubiri gwe mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²³ Bwe kinaabanga ekitanda oba ekintu ekirala kyonna omukazi oyo ky'anaabanga atuddeko, omuntu bw'anaakikwatangako anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²⁴ Omusajja bw'aneebakanga n'omukazi oyo, omusaayi gw'omukazi ogumuvaamu ogwa buli mwezi ne gumutonnyako, anaabeeranga atali mulongoofu okumala ennaku musanvu; n'ekitanda kw'anaagalamiranga nakyo kinaabanga ekitali kirongoofu.

²⁵ "Omukazi bw'anaavangamu omusaayi okumala ennaku nnyingi mu biseera ebitali ebyo ebya buli mwezi nga bwe kiba bulijo, oba bw'anaavangamu omusaayi okumala ennaku ezisukka ku za bulijo eza buli mwezi, anaabeeranga atali mulongoofu mu bbanga ly'anaamalanga ng'avaamu omusaayi, nga mu biseera bye ebya buli mwezi. ²⁶ Buli kitanda ky'anaagalamirangako ng'omusaayi gukyamuvaamu kinaabeeranga ekitali kirongoofu, ng'ekitanda kye bwe kiba mu biseera bye ebya buli mwezi eby'okuvaamu omusaayi, era ne buli kintu ky'anaatuulangako kinaabanga ekitali kirongoofu nga bwe kiba mu biseera bye ebya buli mwezi. ²⁷ Buli muntu anaakwatanga ku bintu ebyo anaabeeranga atali mulongoofu; kinaamusaaniranga okwoza engoye ze, n'okunaaba omubiri gwe mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi. ²⁸ Naye omukazi

oyo avaamu omusaayi bw'anaafuulibwanga omulongoofu, aneebaliranga ennaku musanvu, N'oluvannyuma lwazo anaabeeranga mulongoofu. ²⁹ Ku lunaku olw'omunaana kinaamusaaniranga okuddira amayiba abiri, oba enjiibwa ento bbiri n'ajja awali MUKAMA ku mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaanirangamu n'abikwasa kabona. ³⁰ Kabona anaawangayo ekimu nga kye kiweebwayo olw'ekibi, n'ekirala nga kye kiweebwayo ekyokebwa. Mu ngeri eyo kabona anaatangiriranga omukazi oyo eri MUKAMA olw'ekitali kirongoofu ekimuvaamu.

³¹ "Bwe mutyo bwe munaakugiranga abaana ba Isirayiri balemenga okusemberera ebintu ebibafuula abatali balongoofu, balemenga okufa olw'obutali bulongoofu bwabwe okuboonoonyesa Eweema ya MUKAMA eri wakati mu bo.

³² "Ago ge mateeka ku musajja alina ebimuvaamu mu bitundu bye eby'ekyama, n'oyo avaamu amazzi g'obusajja; ³³ ne ku mukazi anaavangamu omusaayi ng'empisa y'abakazi eya bulijjo eya buli mwezi bw'eba. Amateeka ago ganaakwatanga ku musajja oba ku mukazi alina ebimuvaamu, ne ku musajja aneebakanga n'omukazi atali mulongoofu."

16

Omukolo ogw'Okutangiririra

¹ Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa, abaana ba Alooni ababiri bwe baali bamaze okufa olwokubanga baasemberera MUKAMA.

² MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza muganda wo Aloonii alemenga okujja buli w'anaayagaliranga, mu kifo Awatukuvu ekiri munda w'eggigi, okutunuulira entebe ey'okusaasira eri ku Ssanduuko ey'Endagaano; bw'alikikola talirema kufa; kubanga nzijanga kulabikira mu kire nga kiri waggulu w'entebe ey'okusaasira. ³ Naye Aloonii bw'anaabanga aija mu kifo Awatukuvu anaaleetanga ennyana ennume olw'ekiweebwayo olw'ekibi, n'endiga ennume olw'ekiweebwayo ekyokebwa.

⁴ Anaayambalanga ekkooti entukuvu eya bafuta, ne munda ku mubiri gwe anaasookangako empale eya bafuta, nga yeesibye olukoba olwa bafuta, ne ku mutwe ng'asibyeko ekitambaala ekya bafuta. Ebyambalo ebyo bitukuvu, noolwekyo kimusaaniranga okusooka okunaaba omubiri gwe mu mazzi nga tannabyambala.

⁵ Era anaggyanga mu baana ba Isirayiri embuzi ennume bbiri nga za kiweebwayo olw'ekibi, n'endiga emu nga ya kiweebwayo ekyokebwa.

⁶ "Aloonii anaawangayo ennyana ennume nga ya kiweebwayo kye olw'ekibi alyoke yeetangiririre awamu n'ab'omu maka ge.

⁷ Era anaddiranga embuzi ebbiri n'azireeta eri MUKAMA mu mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaanirangamu. ⁸ Embuzi

ebbiri Aloonii anaazikubirangako obululu; akalulu akamu nga ka kugwa ku mbuzi ya MUKAMA, n'akalala nga ka kugwa ku mbuzi enessibwangako omusango. ⁹ Aloonii anaddiranga embuzi akalulu ka MUKAMA kwe kanaagwanga, n'agiwaayo okubeera

ekiweebwayo olw'okwonoona. ¹⁰ Naye embuzi eneegwangako akalulu ak'okugissibyako omusango, eneeweebwangayo eri MUKAMA nga nnamu, n'eteebwa n'eddukira mu ddungu mu kifo Azazeri ng'esibiddwako omusango olw'okutangirira.

Ekiweebwayo olw'Ekibi ekya Kabona n'Abantu

¹¹ "Alooni anaawangayo ennyana eyo ennume nga ya kiweebwayo kye olw'ekibi, alyoke yeetangiririre awamu n'ab'omu maka ge; ennyana eyo ennume anaagittanga nga kye kiweebwayo kye olw'ekibi. ¹² Anaddiranga ekyoterezo ky'obubaane nga kijjudde amanda g'omuliro nga gavudde ku kyoto eri MUKAMA, n'embatu bbiri ez'obubaane obw'akaloosa obumerunguddwa obulungi, n'abireeta munda w'eggigi. ¹³ Anassanga obubaane ku muliro eri MUKAMA, n'omukka ogunaavanga mu bubaane gunaabikkanga entebe ey'okusaasira eri kungulu w'Essanduuko ey'Endagaano, alyoke aleme okufa. ¹⁴ Anaddiranga ku musaayi ogw'ennyana eyo ennume n'agumansira n'olunwe lwe ku ludda olw'ebuvanjuba olw'entebe ey'okusaasira; era omusaayi ogumu anaagumansiranga n'olunwe lwe emirundi musanvu mu maaso g'entebe ey'okusaasira.

¹⁵ "Era anattanga embuzi ey'ekiweebwayo ky'abantu olw'ekibi, n'atwala omusaayi gwayo munda w'eggigi n'agukola nga bwe yakola omusaayi gw'enyyana ennume; anaagumansiranga ku ntebe ey'okusaasira ne mu maaso gaayo. ¹⁶ Mu ngeri eyo

anaatangiririranga Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo olw'obutali bulongoofu n'obujeemu eby'abaana ba Isirayiri, n'olw'ebyonoono byabwe ebirala byonna nga bwe byali. Era anaakolanga bw'atyo ne ku Weema ey'Okukuŋjaanirangamu eri mu bo wakati mu butali bulongoofu bwabwe. ¹⁷ Mu Weema ey'Okukuŋjaanirangamu temuubengamu muntu n'omu Aloonii bw'anaayingirangamu okutangiririra Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo, okutuusa lw'anaafulumanga ng'amaze okwetangiririra awamu n'ab'omu maka ge, n'ekibiina kyonna ekya Isirayiri. ¹⁸ Era anaafulumanga n'ajja ku kyoto ekiri awali MUKAMA n'akitangiririra. Anaddiranga ku musaayi gw'ennyana eya seddume ne ku musaayi gw'embuzi n'agusiiga ku mayembe gonna ag'ekyoto. ¹⁹ Ku musaayi ogwo anaamansirangako ku kyoto n'olunwe lwe emirundi musanvu okukifuula ekirongoofu n'okukitukuza okukiggya mu butali bulongoofu obw'abaana ba Isirayiri.

Embuzi Esibibwako Omusango

²⁰ “Awo Aloonii bw'anaamalanga okutangiririra Ekifo eky'Awatukuvu Ennyo, n'Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu, n'ekyoto, anaaleetanga embuzi ennamu. ²¹ Anaateekanga emikono gye gyombi ku mutwe gw'embuzi eyo ennamu n'agikwatako, n'agyenenyerezaako ebyyonoono by'abaana ba Isirayiri, n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe byonna, ng'abitadde ku mutwe gw'embuzi eyo. Embuzi

anaagisindikanga mu ddungu ng'etwalibwa omusajja anaalondebwanga okukola omulimu ogwo. ²² Embuzi eyo eneetikkanga ebyonoono by'abaana ba Isirayiri byonna n'ebitwala mu kifo eteri bantu, eyo omusajja oyo gy'anaagiteeranga n'eraga mu ddungu.

²³ "Aloonii anaayingiranga mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, ne yeeyambulamu ebyambalo ebya bafuta bye yayambadde nga tannayingira mu Kifo eky'Awatukuvu Ennyo, era naabirekanga awo. ²⁴ Anaanaabiranga omubiri gwe mu mazzi nga gali mu kifo ekitukuvu, n'alyoka ayambala ebyambalo bye ebya bulijjo. Anaafulumanga n'awaayo ekiweebwayo kye ekyokebwa ku lulwe, n'ekiweebwayo ekyokebwa olw'abantu bonna, alyoke yeetangiririre era n'abantu abatangiririre. ²⁵ Era n'amasavu ag'ekiweebwayo olw'ekibi anaagookeranga ku kyoto.

²⁶ "Omusajja anaatanga embuzi esibiddwako omusango, eraze mu Azazeri mu ddungu, kinaamugwaniranga okwoza engoye ze n'okunaaba omubiri gwe n'amazzi; oluvannyuma anaakomangawo mu lusiisira. ²⁷ Ennyana ennume n'embuzi ennume ez'okuwaayo olw'ebiweebwayo olw'ekibi, era omwava omusaayi ogwaleetebwaa mu Kifo eky'Awatukuvu Ennyo olw'okutangiririra, ziteekwa okufulumizibwa ebweru w'olusiisira, amaliba gaazo n'ennyama yaazo eriibwa n'eyo eteriibwa, zonna binaayokebwanga. ²⁸ Oyo anaazokyanga anaateekwanga okwoza

engoye ze, n'okunaaba omubiri gwe mu mazzi; oluvannyuma anaakomangawo mu lusiisira.

Olunaku olw'Okutangiririra

²⁹ “Etteeka lino munaalikwatanga emirembe gyonna: Ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'omusanvu muneellesanga eby'amasanyu byonna n'emirimu gyammwe gyonna, temuukolerengako mulimu gwonna mmwe bannannyini nsi era n'abagwira ababeera mu mmwe, ³⁰ kubanga ku lunaku olwo multangiririrwa ne mufuulibwa abalongoofu. Bwe mutyo munaabeeranga muvudde mu byonoono byammwe ne mufuulibwa balongoofu mu maaso ga MUKAMA Katonda. ³¹ Lunaabanga ssabbiiti nga lwa kuwummula; era kibasaanira okwefisanga bye mwandiyagadde; etteeka eryo linaabanga lya mirembe gyonna. ³² Kabona eyafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni era ng'ayawulibbwaa n'asikira kitaawe, y'anaatangiririranga. Anaayambalanga ebyambalo ebya linena ebitukuvu, ³³ n'atangiririra Ekifo Awatukuvu Ennyo, n'atangiririra n'Eweema ey'Okukunjaanirangamu, n'atangiririra n'ekyoto, ne bakabona awamu n'abantu bona mu kibiina kyonna.

³⁴ “Etteeka eryo linaababeereranga lya mirembe gyonna, ng'okutangiririra okwo kukolebwa omulundi gumu buli mwaka olw'ebyonoono byonna eby'abaana ba Isirayiri.”

Awo byonna ne bikolebwa nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa.

17*Etteeka ku Biweebwayo Ebitali bya Bulijo*

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
² "Tegeeza Alooni ne batabani be n'abaana
 ba Isirayiri bona, obagambe nti, Kino
 MUKAMA ky'alagidde: ³ Omuntu yenna
 Omuyisirayiri anaawangayo ekiweebwayo
 eky'ente, oba endiga ento, oba embuzi,
 munda mu lusiisira oba ebweru w'olusiisira,
⁴ nga tagireese ku mulyango gw'Eweema
 ey'Okukunjaanirangamu, okugiwaayo
 ng'ekirabo ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda
 mu kisasi ky'Eweema ya MUKAMA; omuntu oyo
 anaabanga azzizza omusango ogw'okuyiwa
 omusaayi; olwokubanga ayiye omusaayi,
 anaagobwanga n'agaanibwa okukolagananga
 ne banne. ⁵ Ekyo kiri bwe kityo abaana ba
 Isirayiri balyoke balekeraawo okuweerangayo
 ebiweebwayo byabwe ebweru mu nnimiro,
 naye babireetenga awali MUKAMA Katonda.
 Kibagwanira okubireetanga eri MUKAMA
 babikwasenga kabona ku mulyango gw'Eweema
 ey'Okukunjaanirangamu, ne biryoka bittibwa
 nga bye biweebwayo eri MUKAMA olw'emirembe.
⁶ Kabona anaamansiranga omusaayi ku
 kyoto kya MUKAMA ku mulyango gw'Eweema
 ey'Okukunjaanirangamu, amasavu n'agookya
 ne muvaamu akaloosa akalungi akasanyusa
 MUKAMA Katonda. ⁷ Tebasaana kwongera
 kuwangayo biweebwayo byabwe eri bakatonda
 be bekoledde mu kifaananyi ky'embuzi,

be bakola nabyo eby'obwamalaaya*. Eryo linaabanga tteeka lyabwe lya lubeerera n'okuyita mu mirembe egigenda okuddawo.

⁸ “Era bagambe nti, Buli muntu yenna Omuyisirayiri, oba omunnaggwanga yenna abeera mu bo, aliwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, oba ekiweebwayo eky'engeri yonna,
⁹ nga takireese ku mulyango gw'Eweema ey'Okukunyaaanirangamu, okukiwaayo eri MUKAMA Katonda, omuntu oyo anaagobwanga n'agaanibwa okukolagananga ne banne.

¹⁰ “Omuntu yenna Omuyisirayiri oba ow'omu bannamawanga ababeera mu Isirayiri bw'anaalyanga omusaayi ogw'engeri yonna, nnaamunyiigiranga oyo anaalyanga omusaayi, era nnaamugobanga ne mugaana okukolagananga ne banne. ¹¹ Kubanga obulamu bw'ekitonde buli mu musaayi, ate nkibawadde okubatangiririra ku kyoto; omusaayi gwe gutangiririra obulamu bw'omuntu.
¹² Noolwekyo Abayisirayiri mbagamba nti tewabanga n'omu mu mmwe anaalyanga omusaayi, era ne munnaggwanga abeera mu mmwe naye taalyenga musaayi.

¹³ “Omuyisirayiri yenna, oba omunnaggwanga abeera mu mmwe, bw'anaayigganga ensolo oba ennyonyi nga ya kulya, anaagikenenulangamu omusaayi n'agubikkako ettaka, ¹⁴ kubanga obulamu bwa buli kitonde gwe musaayi gwakyo. Abayisirayiri kyenvudde mbagamba

* ^{17:7} eby'obwamalaaya Katonda ageraageranya okusinza ebitali ye, ku kukola ebikolwa eby'obwamalaaya

nti temulyanga musaayi gwa kitonde eky'engeri yonna, kubanga obulamu bwa buli kitonde gwe musaayi gwakyo, omuntu yenna anaagulyanga anaagobwanga n'agaanibwa okukolagana ne banne.

¹⁵ “Omuntu yenna omuzaaliranwa oba omunnaggwanga anaalyanga ekintu kyonna ekinaabanga kisangiddwa nga kifu, oba nga kitaaguddwataaguddwa ensolo enkambwe, anaayozanga ebyambalo bye, n'anaaba mu mazzi, era anaabeeranga atali mulongoofu okutuusa akawungeezi; oluvannyuma anaabeeranga mulongoofu. ¹⁶ Naye bw'ataayozenga byambalo bye, n'okunaaba n'atanaaba, ye anaabanga yeeretedde obutali bulongoofu bwe okumusigalako.”

18

Okusula n'Omukazi mu Ngeri Emenya Amateeka

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
² “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘Nze MUKAMA Katonda wammwe. ³ Temusaana kweyisanga mu bikolwa byammwe ng'ab'omu Misiri, gye mwabeeranga, bwe beeyisa, era temusaana kweyisanga ng'ab'omu Kanani, gye mbatwala, bwe beeyisa. Temutambuliranga mu mateeka gaabwe. ⁴ Munaagonderanga ebiragiro byange, munaakwatanga amateeka gange, era mwe munaatambuliranga. Nze MUKAMA Katonda wammwe. ⁵ Mugonderenga ebiragiro byange awamu n'amateeka gange, kubanga buli muntu

anaabikwatanga mu byo mwanaatambulizanga obulamu bwe. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

6 “Tewabanga omuntu yenna mu mmwe aija eri munne gw’alinako oluganda ne yeebaka naye. Nze MUKAMA.

7 “Toleeteranga kitaawo buswavu ng’okola ebyensonyi ne nnyoko. Oyo ye maama wo eyakuzaala, teweekakanga naye ne mukola ebyensonyi, n’omuleetako obuswavu.

8 “Teweekakanga na muka kitaawo ne mukola ebyensonyi, ekyo kireetera kitaawo obuswavu ne kimumalamu ekitiibwa.

9 “Teweekakanga na mwannyoko, azaalibwa kitaawo, oba azaalibwa nnyoko, ne bwe muba nga mwakulira mu maka gamu oba nga temwakulira wamu, tomukolangako bya nsongyi okumuleetera obuswavu.

10 “Teweekakanga na muwala azaalibwa mutabani wo, oba muwala w’omwana wo omuwala, n’okola naye ebyensonyi; ekyo ne kikuleetako obuswavu.

11 “Teweekakanga na mwana wa muka kitaawo ow’obuwala eyazaalibwa kitaawo n’omukolako ebyensonyi; oyo mwannyoko. Tomuleeteranga bya buswavu.

12 “Teweekakanga na mwannyina wa kitaawo n’okola naye ebyensonyi; oyo ne kitaawo ba musaayi gwe gumu.

13 “Teweekakanga na muwala bwe bazaalibwa ne nnyoko n’okola naye ebyensonyi; kubanga oyo ne nnyoko ba musaayi gwe gumu.

14 “Toweebuulanga muganda wa kitaawo, ng’olaga eri mukazi we weebake naye mukole ebyensonyi; oyo maama wo omuto.

15 “Teweekangana na muka mutabani wo ne mukola ebyensonyi; kubanga oyo ye mukyala wa mutabani wo; tomuleeteranga bya buswavu.

16 “Teweekangana na muka muganda wo ne mukola ebyensonyi, kubanga ekyo kinnaaleeteranga muganda wo obuswavu.

17 “Teweekangana na mukazi ate ne muwala we n’okola nabo ebyensonyi. Era teweekangana na mwana muwala owa mutabani wa mukazi oyo oba na mwana muwala owa muwala we; kubanga abo ba musaayi gwe gumu n’ogw’omukazi oyo. Ekyo kibi kinene.

18 “Toleetanga mukazi nga muganda wa mukyala wo ne badda mu kuvuganya, era ne weebaka naye ne mukola ebyensonyi nga mukyala wo akyali mulamu.

19 “Tosembereranga mukazi ng’oyagala weebake naye omukoleko ebyensonyi ng’ali mu kiseera kye ekya buli mwezi eky’okuvaamu omusaayi mw’abeerera atali mulongoofu.

20 “Teweekangana na mukyala wa munnansi yammwe okumukolako ebyensonyi, n’akuleetera obutali bulongoofu.

21 “Mu baana bo towangayo n’omu ng’ekiweebwayo ekyokeddwa mu muliro eri Moleki, kubanga erinnya lya Katonda wo tosaanira kuliweebuulanga. Nze MUKAMA.

22 “Teweekangana na musajja nga bwe wandyebase n’omukazi, ekyo kibi ekikyayibwa ennyo.

²³ “Tokolanga bya nsonyi ku nsolo kubanga ekyo kinaakufuulanga atali mulongoofu. Omukazi teyeewangayo eri ensolo emukoleko ebyensonyi, okwo kwe kuwabira ddala.

²⁴ “Temwerefetangako obutali bulongoofu nga mugoberera amayisa ago amabi; kubanga n'amawanga ge ηnjenda okugoba mu nsi mwe mujja okuyingira bwe geefuula bwe gatyo agatali malongoofu; ²⁵ n'ensi n'efuuka etali nnongoofu, ne ngibonereza olw'ebyonoono byayo, n'abantu baamu abagibeeramu n'ebasesema. ²⁶ Naye mmwe mukuumenga ebiragiyo byange n'amateeka gange. Abazaaliranwa ne banna-mawanga abali mu mmwe tewabanga n'omu anaakolanga ku bintu ebyo n'akatono ebikyayibwa ennyo bwe bityo. ²⁷ Kubanga ebintu ebyo byonna byakolebwanga abantu abaabasooka mmwe okubeera mu nsi omwo, ensi n'efuuka etali nnongoofu. ²⁸ Ensi eyo bwe muligifuula etali nnongoofu, egenda kubasesema nga bwe yasesema amawanga agaabasooka okugibeeramu.

²⁹ “Abantu bona abanaakolanga ebintu ebyo ebibi ebikyayibwa ennyo, abantu ng'abo banaagobwanga ne bagaanibwa okukolagana ne bannaabwe. ³⁰ Mukwatenga amateeka gange, nga mwewalanga okukola ebyonoono ebyo ebikyayibwa eby'amayisa amabi, abo abaabasooka ge beeyisanga si kulwa nga gabafuula abatali balongoofu. Nze MUKAMA Katonda wammwe.’”

Obutukuvu n'Enneeyisa y'Omuntu

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa
² ategheeze ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri abagambe nti, "Mubeerenga batukuvu, kubanga nze MUKAMA Katonda wammwe ndi mutukuvu.

³ "Buli omu mu mmwe assengamu nnyina ne kitaawe ekitiibwa; era mukuumenga Ssabbiiti zange. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

⁴ "Temulaganga mu bitali Katonda, era temwekoleranga bakatonda abaweese mu kyuma ekisaanuuuse. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

⁵ "Bwe munaawangayo eri MUKAMA ekiweebwayo olw'emirembe, mukiwengayo mu butufu kiryoke kikkirizibwe. ⁶ Kinaalibwanga ku lunaku olwo lwe kinaaweebwangayo oba enkeera; ekinaabanga kisigaddewo okutuusa ku lunaku olwokusatu kinaazikiribwanga mu muliro. ⁷ Singa kiriibwa ku lunaku olwokusatu tekiibenga kirongoofu, era tekikkirizibwenga, ⁸ ne buli anaakiryangako anaabanga azzizza omusango; kubanga anaabeeranga aweebudde ekintu kya MUKAMA ekitukuvu; omuntu oyo anaagobwanga n'agaanibwa okukolagananga ne banne.

⁹ "Bw'okungulanga ekyengera eky'omu ttaka lyo, tokunguliranga ddala ebibala byonna eby'omu nnimiro yo okutuuka ku nkomerero zaayo, oba okukunjaanya obubala obutonotono obunaabanga bugudde wansi ng'okungula. ¹⁰ Ennimiro yo ey'emizabbibu togimalirangamu ddala bibala byonna, n'ebyo ebibanga bigudde

wansi tobikuŋjaanyanga.
abaavu ne bannamawanga.
Katonda wammwe.

¹¹ “Tobbanga.

“Tokumpanyanga.

“Temulimbagananga.

¹² “Tokozesanga linnya lyange ng’olayira ebitaliimu nsa, n’ovumisa erinnya lya Katonda wo. Nze MUKAMA.

¹³ “Muliraanwa wo tomujooganga so tomunyagangako bibye.

“Tosulanga na mpeera ya mupakasi wo n’omala nayo ekiro kyonna okutuusa enkya nga tonnagimusasula.

¹⁴ “Omuggavu w’amatu tomukolimiranga, so n’omuzibe w’amaaso tomuteganga nkonge w’anaayita, naye otyanga Katonda wo. Nze MUKAMA.

¹⁵ “Tosalirizanga ng’olamula; tobanga na kyekubiira ku ludda lw’omwavu wadde okweku-biira ku ludda lw’ow’ekitiibwa, banno obasalirangawo mu bwenkanya.

¹⁶ “Togendanga ng’osaasaanya ejŋambo mu banno.

“Tokolanga kintu kyonna ku munno ekiyinza okumuleetera okufiirwa obulamu bwe. Nze MUKAMA.

Etteeka ku Kwagala

¹⁷ “Muganda wo tomukyawanga mu mutima gwo. Naye munno ng’asobezza, omunenyanga, si kulwa nga naawe ogwa mu kibi nga ye.

¹⁸ “Towalananga ggwanga oba okusiba ekiruyi ku mwoyo eri munno yenna ow’omu nsi yo, naye

yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Nze MUKAMA.

¹⁹ "Okwatanga amateeka gange.

"Tokkirizanga nsolo za ngeri ndala kuzaazisa mu nsolo zo.

"Mu nnimiro yo tosimbangamu nsigo za ngeri bbiri.

"Toyambalanga kyambalo eky'olugoye olw'ebiwero eby'engeri ebbiri.

²⁰ "Omusajja bw'aneebakanga n'omuddu omukazi n'amusobyako, naye ng'omukazi oyo tannaweebwa ddembe lye, kyokka ng'aliko omusajja amwogereza, wanaabangawo okuwozesewa n'ebibonerez, naye tebattibwenga, kubanga omukazi anaabanga tannaweebwa ddembe lye. ²¹ Naye omusajja anaaleetanga endiga ennume ku mulyango gwa Weema ey'Okukunjaanirangamu, nga ky'ekiweebwayo kye eri MUKAMA eky'omusango. ²² Kabona anaakozesanga endiga ennume ey'ekiweebwayo olw'omusango okutangiririra omusajja oyo eri MUKAMA; era ekibi kye ky'anaabanga akoze kinaamusonyiyibwanga.

²³ "Bwe muyingiranga mu nsi ne musimba emiti egya buli ngeri egy'ebibala ebyokulya, mukitegeere nti ebibala byagyo biriba ng'ebiwereddwa. Biriwerebwa okumala emyaka esatu; tebijjanga kuliibwanga. ²⁴ Mu mwaka ogwokuna ebibala byako byonna binaabanga bitukuvu, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA eky'okumutendereza. ²⁵ Naye mu mwaka ogwokutaano munaayinzanga okulya ku bibala byako. Mu ngeri eno ebibala byako bigenda

kweyongeranga nnyo. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

²⁶ “Tolyanga nnyama yonna nga teweddeemu musaayi;

“so tokolanga bya ddogo wadde eby’okulagula.

²⁷ “Enviiri ez’oku mabbali g’omutwe gwo tozisalangako; n’ekirevu kyo tokikomolanga.

²⁸ “Toweesalanga misale ku mubiri gwo olw’okujukira abaafa oba okwesalako enjola. Nze MUKAMA.

²⁹ “Tofuulanga mwana wo omuwala ekivume ng’omufudde omwenzi, kubanga kirireetera abantu mu nsi yo okufuuka abenzi, n’ensi n’ejjula okwonoona.

³⁰ “Mukuumanga Ssabbiiti zange era mussangamu ekitiibwa ekifo kyange ekitukuvu. Nze MUKAMA.

³¹ “Temwebuuzanga ku basamize oba okukyukiranga abalogo, kubanga bagenda kubaleetera okwonooneka. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

³² “Ositukiranga ow’envi, n’omukadde omussangamu ekitiibwa, era ne Katonda wo omutyanga. Nze MUKAMA.

³³ “Omugwira bw’abeeranga omutuuze mu nsi yammwe, temumuyisanga bubi.

³⁴ Omugwira atuula mu mmwe mumuyisenga ng’omuzaaliranwa ow’omu nsi yammwe. Mumwagalenga nga bwe mweyagala, kubanga nammwe mwali bagwira mu nsi y’e Misiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

³⁵ “Temubangamu kyekubiira nga mupima obuwanvu, oba obuzito, oba obungi bw’ebintu.

³⁶ Mubanga ne minzaani entuufu, n’amayinja

agapima obuzito amatuufu, n'ekipima ebikalu (efa) ekituufu, n'ekipima ebiyiikayiika ng'amazzi (ini) ekituufu. Nze MUKAMA Katonda wammwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri.

³⁷ “Munaakwatanga amateeka gange gonna, n'ebiragiro byange byonna, okubitambuliran-gako. Nze MUKAMA.”

20

Ebibonerezo olw'Ekibi

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, ² “Tegeeza abaana ba Isirayiri bw'oti nti, Omuyisirayiri yenna, oba omunnaggwanga atuula mu Isirayiri, bw'anaawangayo omwana we ng'ekiweebwayo eri Moleki, kitaawe w'omwana oyo aijanga kut-tibwa. Abantu ab'omu kitundu ekkyo mw'abeera banaamukubanga amayinja. ³ Nange kennyini, omuntu oyo nnaamunyiigiranga, era nnaamugobanga ne mmugaana okukolagananga ne banne, kubanga awaddeyo omu ku baana be ng'ekiweebwayo eri Moleki, n'ayonoona Awatukuvu wange era n'avumisa erinnya lyange ettukuvu. ⁴ Era abantu ab'omu kitundu ekkyo mw'abeera, bwe banaamuzibiranga ku liiso, omuntu oyo awaddeyo omwana we eri Moleki, ne batamutta, ⁵ omuntu oyo nnaamunyiigiranga, ne ku b'omu nnyumba ye, ne mbagoba ne mbagaana okukolagananga ne bannaabwe, ye ne banne abakolaganye naye mu kukuba obwa-malaaya ne Moleki.

⁶ “‘Omuntu bw'anaakolagananga n'abasamize, n'abalogo, n'akuba nabo

obwamalaaya, nnaamunyiigiranga, era nnaamugobanga ne mugaana okukolagana ne banne.

⁷ “Noolwekyo mwetukuze mubeerenga batukuvu, kubanga Nze MUKAMA Katonda wammwe. ⁸ Mukwatenga amateeka gange, mugagobererenga. Nze MUKAMA abatukuza.

⁹ “‘Omuntu yenna anaakolimiranga kitaawe oba nnyina wa kuttibwanga. Noolwekyo akolim-idde kitaawe oba nnyina, omusaayi gwe gunaabanga ku mutwe gwe.

¹⁰ “‘Omusajja bwanaayendanga ku muka omusajja, bombi, omusajja ayenze n’omukazi gw’ayenzeeko banattibwanga.

¹¹ “‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka kitaawe, anaabanga aweebudde kitaawe. Bombi omusajja n’omukazi banattibwanga; omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.

¹² “‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka mutabani we, bombi banattibwanga. Kubanga bombi banaabanga bakoze ebyambyone; omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.

¹³ “‘Omusajja bw’aneebakanga ne musajja munne nga bwe yandyebase n’omukazi, bombi banaabanga bakoze eky’ekivve; era banattibwanga, n’omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.

¹⁴ “‘Omusajja bw’anaawasanga omukazi ate n’atwalirako ne nnyina, ekyo kya kivve. Ye n’abakazi bombi banaayokebwanga mu muliro, bwe mutyo ekyonoono ekyo ne mukyegobako.

15 “ ‘Omusajja bw’anaakolanga eby’ensonyi ku nsolo, anattibwanga, era n’ensolo munaagt-tanga.

16 “ ‘Omukazi bw’anaasembereranga ensolo alyoke akole nayo eby’ensonyi, mumuttanga n’ensolo ne mugitta. Omukazi anattibwanga n’ensolo nettibwa; omusaayi gw’omukazi gunaabanga ku mutwe gwe, n’ogw’ensolo gunaabanga ku mutwe gwayo.

17 “ ‘Omusajja bw’anaawasanga mwannyina, oba nga mwanamuwala wa kitaawe, oba nga mwanamuwala wa nnyina, ne beebaka bombi, kinaabanga kya buwemu. Bombi banaagobwanga mu bannaabwe ne babagaana okukolagananga nabo. Kubanga omusajja oyo anaabanga aweebudde mwannyina, era y’aneetikkanga obuvunaanyizibwa bwonna olw’ekibi ekyo.

18 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga n’omukazi mu biseera by’omukazi, ebya buli mwezi ng’empisa y’abakazi bw’eba, anaabanga abikudde ensulo y’omusaayi gw’omukazi oyo, era n’omukazi anaabanga yeebikudde. Bombi banaagobwanga mu bannaabwe ne babagaana okukolagananga nabo.

19 “ ‘Teweebakanga na mukazi muganda wa nnyoko oba ne mwannyina wa kitaawo n’okola naye eby’ensonyi, kubanga ekkyo kiweebuula owooluganda ow’okumpi. Mwembi munaavunaanyizibwanga olw’ekyonoono kyammwe ekkyo.

20 “ ‘Omusajja bw’aneebakanga ne muka kitaawe omuto oba ne muka kojjaawe, anaabanga

aweebudde bakadde be abo. Omusajja oyo n'omukazi oyo be baneetikkanga obuvunaanyizibwa obw'ekibi ekyo, era balifa nga tebalina baana.

²¹ “‘Omusajja bw'anaawasanga muka muganda we, kinaabanga ekikolwa ekitali kiron-goofu, kubanga aweebudde muganda we. Tebalizaala baana.

Ekiragiro eky'Okubeeranga Abatukuvu

²² “Kale nno, mukwatenga amateeka gange gonna n'ebiragiro byange byonna, era mu-bikolerengako, ensi mwe mbatwala okutuulanga eryoke ereme kubasesema. ²³ Era temugobereranga mpisa ez'amawanga ge ηnjenda ngoba mu nsi eyo; kubanga baakola ebintu ebyo byonna, noolwekyo mbakyawa nnyo. ²⁴ Naye nabategeeza nti, “Mulisikira ensi yaabwe, era ndigibawa ne mugirya, ye nsi omukulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.” Nze MUKAMA Katonda wammwe eyabaawula ku mawanga amalala.

²⁵ “Noolwekyo mujjanga kwawulamu ensolo ennongoofu n'etali nnongoofu, n'ennyonyi en-nongoofu n'etali nnongoofu. Temufuukanga abatali balongoofu olw'ensolo oba ennyonyi, oba ebiramu byonna ebitambula ku ttaka, bye mmaze okwawulako ne mbibategeeza nti si birongoofu. ²⁶ Kibasaanira okubeeranga abatukuvu gye ndi, kubanga Nze, MUKAMA, ndi mutukuvu, era mbaawudde ku mawanga amalala mubeerenga ggwanga lyange.

²⁷ “Omusajja oba omukazi mu mmwe anaabeeranga omusamize oba omulogo, wa

kuttibwanga. Mubakubanga amayinja; era omusaayi gwabwe gunaabanga ku mitwe gyabwe.’”

21

Obutukuvu bw'Obwakabona

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, “Yogera ne bakabona, batabani ba Alooni, obagambe nti tewabanga omuntu eyeeretako obutali bulongoofu olw'okukwata ku mufu mu bantu be, ² wabula ng'amulinako oluganda olw'okumpi. Gamba nga nnyina, oba kitaawe, oba mutabani we, oba muwala we, oba muganda we, ³ oba mwannyina embeerera atamanyi musajja, gw'alinko obuvunaanyizibwa kubanga tabeerangako na bba, kubanga ayinza okwereetako obutali bulongoofu. ⁴ Kabona nga bw'ali omukulembeze, tekimusaanira kwereetako obutali bulongoofu wakati mu bantu be. ⁵ Bakabona tebamwangako nviiri ku mitwe gyabwe, wadde okumwako ebirevu byabwe, oba okusala emisale ku mibiri gyabwe. ⁶ Kibasaanira okubeeranga abatukuvu eri Katonda waabwe balemenga okuleetera erinnya lya Katonda waabwe obutali bulongoofu. Kubanga be batuusa ebiweebwayo ebyokebwa mu muliro eri MUKAMA, ye mmere ya Katonda waabwe, noolwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu. ⁷ Tebawasanga mukazi malaaya oba atali mulongoofu, oba oyo agobeddwa ewa bba; kubanga bakabona batukuvu eri Katonda waabwe. ⁸ Mubayisenga ng'abatukuvu,

kubanga be bawaayo emmere eya Katonda wammwe. Mubayisenga ng'abatukuvu; kubanga Nze MUKAMA atukuza mmwe, ndi mutukuvu. ⁹ Era omwana omuwala owa kabona bw'anaakubanga obwamalaaya, bw'atyo ne yeereetako obutali bulongoofu, anaabeeranga aleetedde kitaawe obutali bulongoofu; anaayokebwanga mu muliro.

¹⁰ “Kabona Asinga Obukulu, nga ye mukulembeze mu baganda be, era nga ye yafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ku mutwe gwe, era nga yayawulibwa ayambalenga ebyambalo by'Obwakabona, tasaanira kusumululanga nviiri ze ku mutwe gwe n'azita, wadde okuyuzanga ebyambalo bye. ¹¹ Tayingiranga mu kifo omuli omulambo, aleme kwereetako obutali bulongoofu. Omulambo ne bwe gunaabanga ogwa kitaawe oba ogwa nnyina. ¹² Era n'ekifo kya Katonda we ekitukuvu taakivengamu oba okukireetako obutali bulongoofu, kubanga yayawulibwa bwe yafukibwako amafuta ag'omuzeeyituuni ga Katonda we. Nze MUKAMA Katonda. ¹³ Anaawasanga omukazi mbeerera atamanyanga musajja. ¹⁴ Tawasanga nnamwandu, oba omukazi bba gwe yagoba, oba omukazi eyeereeseko obutali bulongoofu olw'okukuba obwamalaaya; naye anaawasanga omukazi embeerera ng'amuggya mu bantu be; ¹⁵ aleme okuleetera ezzadde lye obutali bulongoofu wakati mu bantu be. Kubanga Nze MUKAMA Katonda amutukuza.”

Bakabona Abaliko Akamogo

16 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
 17 "Tegeeza Alooni nti mu zadde lye, okuyita mu
 mirembe gyonna, bwe munaabangamu omuntu
 aliko akamogo ku mubiri gwe taasemberenga
 kuwaayo emmere ya Katonda we. 18 Kubanga
 tewaabengawo muntu yenna aliko akamogo
 ku mubiri gwe anaasemberanga. Gamba:
 omuzibe w'amaaso, oba omulema, oba
 eyakyama ennyindo, oba eyakulako ekintu
 ekyasukkirira obuwawanvu; 19 oba omuntu
 alina ekigere ekyagongobala, oba omukono
 ogwalemala, 20 oba ow'ebbango, oba nakalanga,
 oba atalaba bulungi, oba ng'omubiri gwe
 gumusiiwa yeetakulatakula, oba ng'alina
 amabwa agakulukuta, oba nga yayabika enjagi.
 21 Tewaabengawo wa mu zadde lya Alooni
 kabona ng'aliko akamogo anakkirizibwanga
 okusembera okuleeta ebiweebwayo eri MUKAMA
 Katonda, ebyokebwa mu muliro. Kubanga
 aliko akamogo; tekiimusaanirenga kusembera
 n'okuwaayo ekiweebwayo eri Katonda we.
 22 Anaayinzanga okulya ku mmere entukuvu
 ennyo eya Katonda we; 23 naye olwokubanga
 aliko akamogo ku mubiri gwe, taasaanirenga
 kusemberera ggigi, oba okulaga okumpi
 n'ekyoto, n'aleetera ebifo byange ebitukuvu
 obutali bulongoofu. Kubanga Nze MUKAMA
 Katonda abitukuza."

24 Bw'atyo Musa n'ategeeza Alooni ne batabantu
 be, awamu n'abaana bona aba Isirayiri
 ebigambo ebyo byonna.

22

Bakabona n'Obutukuvu bw'Ebiweebwayo

¹ MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
² "Tegeeza Aloonii ne batabani be bassengamu
 ekitiibwa ebiweebwayo abaana ba Isirayiri
 bye bandeetera, ebyawuliddwa, bwe batyo
 balemenga okuvumisa erinnya lyange. Nze
 MUKAMA Katonda. ³ Era bagambe nti, Omuntu
 yenna ow'omu zadde lyabwe mu mirembe
 gyonna eginajjanga giddiriragana bw'ataabenga
 mulongoofu, naye n'asemberera ebiweebwayo
 ebyawuliddwa ebitukuvu, abaana ba Isirayiri
 bye banaabanga baleese eri MUKAMA Katonda,
 omuntu oyo anaagoberwanga ddala n'ava
 mu maaso gange. Nze MUKAMA Katonda.
⁴ Omuntu yenna ow'omu zadde lya Aloonii alina
 obulwadde obukwata oba alwadde ekikulukuto
 taalyenga ku biweebwayo ebitukuvu okutuusa
 ng'afuuse omulongoofu. Omuntu yenna
 taabenga mulongoofu bw'anaakwatanga ku
 kintu kyonna ekitali kirongoofu ekivudde
 ku kukolagana n'omusajja eyavuddemu
 amazzi g'obusajja, oba olw'okukomako ku
 mulambo, ⁵ oba okukwata ku kyekulula
 ekiyinza okumufuula atali mulongoofu, oba
 okukoma ku muntu ayinza okumusiiga obutali
 bulongoofu, oba engeri yonna ey'obutali
 bulongoofu bw'efa yenkana. ⁶ Omuntu
 ng'oyo taabenga mulongoofu okutuusa
 akawungeezi. Taalyenga ku biweebwayo
 ebitukuvu wabula ng'amaze okunaaba yenna
 mu mazzi. ⁷ Enjuba bw'eneebanga egudde

anaabeeranga mulongoofu; n'oluvannyuma anaalyanga ku biweebwayo ebitukuvu ebyo, kubanga ye mmere ye. ⁸ Taalyenga ku kintu kyonna ekinaabanga kifudde obufi, oba ekinaabanga kitaaguddwataaguddwa ebisolo, kubanga kinaamufuulanga atali mulongoofu. Nze MUKAMA. ⁹ Bwe batyo bakabona kibagwanira okukuumanga ebiragiro byange, balemenga okwreetako omusango ne bafa olw'okubigayaaliriranga. Nze MUKAMA Katonda abatukuza.

¹⁰ "Omuntu yenna atali wa mu lulyo lwa kabona, ne bw'anaabanga omugenyi we, oba omupakasi we, taalyenga ku biweebwayo ebyo ebitukuvu. ¹¹ Naye kabona bw'aneeguliranga omuddu n'ensimbi, oba omuddu bw'anaazaalirwanga mu nnyumba ya kabona, omuddu oyo anaalyanga ku mmere eyo. ¹² Omwana owoobuwala owa kabona bw'anaafumbirwanga omusajja atali kabona, talyenga ku biweebwayo ebyo ebitukuvu. ¹³ Naye singa muwala wa kabona afuuka nnamwandu, oba singa ayawukanira ddala ne bba, kyokka nga talina mwana, n'akomawo okubeeranga mu nnyumba ya kitaawe nga bwe yakolanga ng'akyali muvubuka, anaalyanga ku mmere ya kitaawe. Omuntu yenna atakwatibwako mizizo egyo taalyenga ku mmere eyo. ¹⁴ Era omuntu bw'anaalyanga ku kiweebwayo ekitukuvu nga tagenderedde, anaaleetanga ekitundu kimu kyakutaano eky'ekiweebwayo ekyo, n'akigatta ku kiweebwayo ekyo, kyonna n'akikwasa

kabona. ¹⁵ Bakabona tebavumisanga bintu bitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaawangayo eri MUKAMA, ¹⁶ nga babakkiriza okulyanga ku biweebwayo byabwe ebitukuvu, bwe batyo ne babateekesaako omusango ogunaabaweesanga ekibonerezo. Nze MUKAMA Katonda abatukuza.”

Ebiweebwayo Ebitakkirizibwa

¹⁷ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, ¹⁸ “Tegeeza Alooni ne batabani be n'abaana ba Isirayiri bona, obagambe nti, Omuntu yenna ow'omu nnyumba ya Isirayiri omu ku mmwe, oba omunnaggwanga abeera mu Isirayiri, bw'anaaleeteranga MUKAMA Katonda ekirabo eky'ekiweebwayo ekyokebwa okutuukiriza obweyamo bwe, oba ekiweebwayo olw'okweyagalira, ¹⁹ kinaateekwanga okubeera sseddume ey'ente oba ey'endiga, oba ey'embuzi etaliiko kamogo, ekirabo ekyo kiryokenga kikkirizibwe. ²⁰ Temuwangayo kintu kyonna ekiriko akamogo kubanga tekikkirizibwenga. ²¹ Omuntu yenna bw'anaaleetanga ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda olw'emirembe, oba okutuukiriza obweyamo, oba ekiweebwayo olw'okweyagalira, ng'akiggya mu kiraalo oba mu kisibo, okukkirizibwa kinaabeeranga ekituukiridde nga tekiriiko kamogo. ²² Temuwangayo eri MUKAMA Katonda ensolo enzibe y'amaaso, oba eriko obuvune, oba ennema oba egongobadde, oba ezimbyezimbye ku mubiri, oba eriko amabwa agakulukuta. Ezo temuziwangayo ku kyoto eri MUKAMA Katonda ng'ekiweebwayo

ekyokebwa. ²³ Naye ente oba endiga ng'eriko ekitundu kyayo ekisukkiridde obuwanvu oba ekisukkiridde obumpi eneeyinzanga okuleetebwa ng'ekiweebwayo eky'okweyagalira, naye tekkirizibwenga ng'ekiweebwayo olw'okutuukiriza obweyamo.

²⁴ MUKAMA Katonda temumuleeteranga ekiweebwayo eky'ensolo erina enjagi ezaanuubulwa, oba ezaabetentebwa, oba ezaayuzibwa, oba ezaasalibwa. Ekyo temukikolanga mu ggwanga lyammwe, ²⁵ wadde okukkirizanga ng'ensolo ezo bannamawanga bazibatonedde ne muziwaayo ng'ekiweebwayo eri Katonda wammwe. Kubanga nnyonoonefu mu mubiri era ziriko obukyamu."

²⁶ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ²⁷ "Ente, oba endiga, oba embuzi bw'eneezaalibwanga eneesigalanga ne nnyina waayo okumala ennaku musanvu. Okuva ku lunaku olw'omunaana n'okweyongerayo ennekkirizibwanga bw'eneeweewangayo eri MUKAMA Katonda ng'ekiweebwayo ekyokebwa mu muliro. ²⁸ Ente oba endiga temugittanga na mwana gwayo ku lunaku lwe lumu. ²⁹ Bwe muwangayo eri MUKAMA Katonda ekiweebwayo olw'okwebaza, mukiwengayo mu ngeri ennungi eneekisobzesanga okukkirizibwa. ³⁰ Kinalibwanga ku lunaku olwo lwennyini, temukifissangawo n'akatono okutuusa enkeera. Nze MUKAMA Katonda.

³¹ "Bwe mutyo mukwatenga amateeka gange era mugagonderenga. Nze MUKAMA Katonda.

³² Temuvumisanga linnya lyange. Abaana ba

Isirayiri kibagwanira okunzisangamu ekitiibwa nga Nze mutukuvu. Nze MUKAMA Katonda abatukuza mmwe,³³ era Nze nabaggya mu nsi y'e Misiri mbeerenga Katonda wammwe. Nze MUKAMA Katonda.”

23

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti,
² “Yogera n'abaana ba Isirayiri obagambe nti, Zino ze mbaga zange ze nnonze, nga ze mbaga za MUKAMA Katonda ezirondeddwaa ze munaakubirangako enkuṇjaana entukuvu.

Ssabbiiti

³ “Mu nnaku omukaaga munaakolerangamu emirimu gyammwe, naye olunaku olw'omusanvu ye Ssabbiiti ey'okuwummula; lunaabeeranga olunaku olw'okukuṇjaana okutukuvu. Temulukolerangako mulimu n'akatono yonna gye munaabeeranga, kubanga ye Ssabbiiti ya MUKAMA Katonda.

Okuyitako n'Emigaati Egitali Mizimbulukuse

⁴ “Zino ze mbaga MUKAMA Katonda ze yeerondera okunaakubirwanga enkuṇjaana entukuvu ze munaalangiriranga mu ntuuko zaazo: ⁵ Embaga ya MUKAMA Katonda ey'Okuyitako eneetandikanga ng'obudde buwungeera ku lunaku olw'ekkumi n'ennyia olw'omwezi ogw'olubereberye. ⁶ Ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano olw'omwezi ogwo, Embaga ya MUKAMA Katonda ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse kw'eneetandikiranga;

munaamalanga ennaku musanvu nga mulya emigaati egifumbiddwa nga temuli kizimbulukusa.⁷ Ku lunaku olusooka olw'embaga eyo ey'Okuyitako munaakubanga olukunjaana olutukuvu, era temuukolerengako mirimu gyammwe egya bulijjo.⁸ Munaamalanga ennaku musanvu nga buli lunaku muleeta ekiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri MUKAMA. Ku lunaku olw'omusantu munaakubanga olukunjaana olutukuvu, era temuukolerengako mirimu gyammwe egya bulijjo."

Embaga ey'Ebibala Ebibereberyé

⁹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ¹⁰ "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, Bwe mutuukanga mu nsi gye nzija okubawa ne mukungula ebibala byamu, muleetanga eri kabona ekinywa eky'ebibala byammwe eby'olubereberyé; ¹¹ naye anaawuubawuubanga ekinywa ekyo awali MUKAMA Katonda kiryoche kikkirizibwe ku lwammwe. Kabona anaakiwuubawuubanga ku lunaku oluddirira Ssabiiti. ¹² Ku lunaku olwo lwe munaawuubirawuubirangako ekinywa, munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA Katonda eky'omwana gw'endiga omulume, ogwakamala omwaka gumu ogw'obukulu era nga teguliiko kamogo. ¹³ N'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke ekigenderako kinaabanga kigero kya desimoolo bbiri eza efa*, eky'obuwunga

* 23:13 Efa Ze liita nnya n'ekitundu

obulungi nga mutabuddwamu n'amafuta ag'omuzeeyituuni, nga kye kiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri MUKAMA, ne muvaamu evvumbe eddungi erisanyusa MUKAMA n'ekiweebwayo ekyokunywa ekigenderako kinaabanga ekitundu kimu kya kuna ekya lita emu ey'envinnyo. ¹⁴ Era temuulyenga ku mugaati n'akatono oba ku mmere ey'empeke ensiike oba eyaakakungulwa, okutuusa ku lunaku olwo lwennyini lwe munaaleeterangako ekiweebwayo kino eri Katonda wammwe. Lino linaabanga tteeka ery'enkalakkalira ery'emirembe gyonna egigenda okujja, mu bifo byonna gye munaabeeranga.

Embaga eya Pentekoote

¹⁵ "Okuva ku lunaku oluddirira Ssabbiiti, nga lwe lunaku kwe mwaleetera ekiweebwayo eky'ekinywa ekiwuubibwawuubibwa mubalanga ewiiki enzijuvu musanvu. ¹⁶ Munaabalanga ennaku amakumi ataano okutuuka ku Ssabbiiti ey'omusanvu, ne mulyoka muwaayo eri MUKAMA ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke empya eyaakakungulwa. ¹⁷ Nga muva mu buli kitundu gye mubeera, munaaleetanga emigaati, ebiri ebiri nga gikoleddwa mu kigeri ekya desimoolo bbiri eza efa ez'obuwunga obulungi, nga bufumbiddwa n'ekizimbukusa; nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekiwuubibwawuubibwa eky'ebibala ebibereberye. ¹⁸ Era awamu n'emigaati egyo munaaleeterangako abaana

b'endiga musanvu ab'omwaka gumu abataliiko kamogo; munaaleetanga n'ente eya seddume ento emu, n'endiga ennume ento bbiri. Binaabeeranga ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA, awamu n'ekiweebwayo eky'emmere ey'empeke n'ekiweebwayo eky'ebyokunywa; nga kye kiweebwayo ekyokebwa n'omuliro, ne muvaamu evvumbe erisanyusa MUKAMA.

¹⁹ Era munaawangayo embuzi emu ennume nga kye kiweebwayo olw'ekibi, era n'endiga ento ennume ez'omwaka ogumu bbiri nga kye kiweebwayo olw'emirembe. ²⁰ Kabona anaawubawuubanga ebiweebwayo ebyo awamu n'emigaati egikoleddwa mu bibala ebibereberyé n'endiga zombi ento, nga kye kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekiwuubibwawuubibwa. Kinaabanga kiweebwayo eri MUKAMA Katonda ekitukuvu, era kabona y'anaakitwalanga. ²¹ Ku lunaku olwo onoolangiriranga olukunjaaana olutukuvu; era temujjanga kukolerako mirimu gyammwe egya bulijo. Eryo linaabeeranga etteeka ery'emirembe gyonna mu mmwe buli yonna gye munaabeeranga.

²² "Bwe munaakungulanga emmere mu ttaka lyammwe temugimalirangamu ddala okutuuka ku mbibiro z'ennimiro yammwe, wadde okukunjaaanya eneebangaa ekunkumuse wansi nga mumaze okukungula. Eyo mugirekeranga abaavu ne bannamawanga. Nze MUKAMA Katonda wammwe."

Embaga ey'Amakondeere

23 Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
 24 "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti
 olunaku olw'olubereberye mu mwezi
 ogw'omusantu lunaabanga lwa kuwummula,
 munaakwatirangako olukunjaaana olutukuvu
 olunaalangirirwanga n'okufuuwa amakondeere
 ag'omwanguka. 25 Temukolerangako mirimu
 gyonna egya bulijo, naye munaawangayo
 ekiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri MUKAMA
 Katonda."

Olunaku olw'Okutangiririrwa

26 Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa
 nti, 27 "Olunaku olw'ekkumi olw'omwezi
 guno ogw'omusantu lwe lunaabanga Olunaku
 olw'Okutangiririrwa. Munaakubanga
 olukunjaaana olutukuvu, muneefiirizanga
 ne mwerumya, era munaawangayo
 ekiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri
 MUKAMA Katonda. 28 Olunaku olwo
 temulukolerangako mulimu na gumu, kubanga
 lwe Lunaku olw'Okutangiririrwa, lwe
 munaatangirirwanga awali MUKAMA Katonda
 wammwe. 29 Omuntu yenna anaagaananga
 okwefiiriza ku lunaku olwo kinaamugwaniranga
 okuwaanjangusibwa n'aggyibwa mu banne.
 30 Era buli muntu anaakolanga omulimu
 ku lunaku olwo ndimuggya mu banne
 ne mmuzikiriza. 31 Temulukolerangako
 mulimu n'akatono. Eryo linaabeeranga
 etteeka ery'enkalakkalira, ery'emirembe
 gyonna egigenda okujja mu bifo byonna
 gye munaabeeranga. 32 Lunaabeeranga lwa
 Ssabbiiti na kuwummulirako gye muli, era

muneefiirizanga. Munaakuumanga Ssabbiiti yammwe okuva ku lunaku olw'omwenda olw'omwezi akawungeezi okutuusa ku kawungeezi akaddirira."

Embaga ey'Ensiisira

³³ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ³⁴ "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti ku lunaku olw'ekkumi n'ettaano Embaga ya MUKAMA ey'Ensiisira kw'eneetandikiranga, era eneemalanga ennaku musanvu. ³⁵ Ku lunaku olw'oluberebery eunaakubirangako olukunjaana olutukuvu; temuulukolerengako mirimu egya bulijjo. ³⁶ Munaaleetanga ebiweebwayo eri MUKAMA ebyokye mu muliro okumalira ddala ennaku musanvu, ne ku lunaku olw'omunaana munaakubanga olukunjaana olutukuvu ne muwaayo eri MUKAMA Katonda ekiweebwayo ekyokye n'omuliro. Olwo lwe lukunjaana olukulu oluggalawo, temulukolerangako mirimu egya bulijjo.

³⁷ "Ezo ze mbaga MUKAMA ze yalagira, ze munaalangiriranga nti mbaga ntukuvu okunaaleeterwanga ebiweebwayo eri MUKAMA Katonda ebyokeddwa mu muliro, ebiweebwayo ebyokye, ebiweebwayo eby'empeke, ssaddaaka n'ebiweebwayo ebinywebwa ebineetaagibwanga buli lunaku. ³⁸ Ebiweebwayo bino byeyongera ku biri eby'oku Ssabbiiti za MUKAMA Katonda, era ne byeyongera ku birabo byammwe ne ku ebyo byonna bye munaabanga mweyamye, ne ku biweebwayo

ebirala byonna bye munaabanga muleetedde MUKAMA Katonda nga mweyagalidde.

³⁹ “Kale nno okutandikira ku lunaku olw’ekkumi n’ettaano olw’omwezi ogw’omusanvu, nga mumaze okukungula n’okuyingiza ebibala ebivudde mu ttaka lyammwe, munaakoleranga MUKAMA Katonda ekijaguzo okumala ennaku musanvu; olunaku olw’olubereberyе lunaabanga lwa kuwummula era n’olunaku olw’omunaana nalwo nga lwa kuwummula. ⁴⁰ Ku lunaku olw’olubereberyе munaanoganga ku miti ebibala ebisingira ddala obulungi ne muddira n’amatabi g’enkindu, n’amatabi ag’emiti agaziyidde n’ebikoola ebigimu, n’emiti egy’oku migga, ne mulyoka musanyukira awali MUKAMA Katonda wammwe okumala ennaku musanvu. ⁴¹ Mukolanga bwe mutyo ng’ekyo kye kijaguzo eri MUKAMA Katonda, okumala ennaku musanvu buli mwaka. Lino ly’etteeka ery’enkakalakkira erinaakwatibwanga n’ab’omu mirembe egigenda okujja; mujaguzenga mu mwezi ogw’omusanvu. ⁴² Munaasulanga mu busiisira okumala ennaku musanvu. Abo bonna abazaaliranwa ab’omu Isirayiri banaasulanga mu busiisira, ⁴³ bwe batyo ab’omu zzadde lyammwe balyoke bamanye nga bwe nasuzanga abaana ba Isirayiri mu busiisira bwe nnali nga mbaggya mu nsi y’e Misiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.”

⁴⁴ Bw’atyo Musa n’alangirira mu baana ba Isirayiri embaga za MUKAMA ennonde.

24

*Amafuta ag'Omuzeeyituuni n'Emigaati
egy'Okulaga*

¹ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ² "Lagira abaana ba Isirayiri bakuleetere amafuta ag'omuzeeyituuni aga zeyituuni amalungi amaka ag'okukozesa mu ttaala ziryoke zaakenga buli kiseera awatali kusalako.

³ Wabweru w'Eggigi ery'Endagaano mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, Alooni w'anaalabiriranga ettabaaza ezo nga zaakira awali MUKAMA Katonda okuva akawungeezi okutuusa mu makya awatali kusalako. Eryo linaabanga tteeka ery'enkalakkalira ne mu mirembe egigenda okuja. ⁴ Alooni anaalabiriranga ettaala ez'oku kikondo ekya zaabu omuka awali MUKAMA Katonda nga zaaka awatali kusalako.

⁵ "Ojja kuddiranga obuwunga bw'enjaano obulungi ofumbe emigaati kkumi n'ebiri ng'okozesa desimoolo bbiri eza efa*.

⁶ Onoogitegekanga mu nnyiriri bbiri nga mu buli lunyiriri mulimu emigaati mukaaga. Onoogiteekanga ku mmeeza eya zaabu omuka awali MUKAMA. ⁷ Era ku buli lunyiriri onooteekangako obubaane obuka nga bugendera wamu n'emigaati nga kye kijjukizo ek'yekwibwayo eri MUKAMA Katonda nga kyokeddwa mu muliro. ⁸ Emigaati egyo ginaategekebwanga awali MUKAMA buli Ssabbiiti awatali kwosa, ng'ekyo kikolebwwa ku lw'abaana

* **24:5** Efa ezo ze liita nnya n'ekitundu

ba Isirayiri nga ye ndagaano ey'emirembe n'emirembe. ⁹ Emigaati egyo ginaabanga gya Aloonni ne batabani be, era banaagiriiranga mu kifo ekitukuvu, kubanga giva ku kiweebwayo ekitukuvu ennyo eri MUKAMA Katonda nga kyokeddwa mu muliro nga kye kiragiyo eky'enkalakkalira."

Avvoola wa Kuttibwanga

¹⁰ Awo mutabani w'omukazi Omuyisirayiri naye nga kitaawe Mumisiri n'afuluma n'abeera mu baana ba Isirayiri, naye ne wasitukawo olutalo wakati w'omusajja oyo n'Omuyisirayiri, nga bali mu lusiisira[†]. ¹¹ Mutabani w'omukazi Omuyisirayiri n'avvoola Erinnya lya MUKAMA, era n'akolima. Ne bamuleeta eri Musa. Nnyina ye yali Seromisi, muwala wa Dibuli ow'omu kika kya Ddaani. ¹² Ne bamuggalira mu kkomera oktuusa MUKAMA Katonda lw'anaabategeeza ekinaakolebwa.

¹³ Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, ¹⁴ "Eyavvodde mumufulumye ebweru w'olusiisira. Abo bona abaamuwlulide ng'avvoola bateeke emikono gyabwe ku mutwe gwe; oluvannyuma ekibiina kyonna kiryo ke kimukube amayinja. ¹⁵ Tegeeza abaana ba Isirayiri nti omuntu yenna anaakolimiranga Katonda we anaabanga n'obuvunaanyizibwa olw'ekibi ekyo. ¹⁶ Oyo yenna anavvoolanga

[†] **24:10** Mu kuva e Misiri, waaliwo bannaggwanga abeegatta ku Bayisirayiri (Kuv 12:38) era baali kyakulabirako kibi eri Abayisirayiri (Kbl 11:4). Noolwekyo kino kireeta Essuula empya ku biragiyo ebikwata ne ku bannaggwanga

erinnya lya MUKAMA Katonda anattibwanga. Ekibiina kyonna kinaamukubanga amayinja. Ne bw'anaabanga omugwira oba Omuyisirayiri, bw'anavvooolanga Erinnya[‡] anattibwanga.

¹⁷ “Anattanga omuntu naye anattibwanga. ¹⁸ Omuntu yenna anattanga ensolo ya munne anaagimuliyiranga, ensolo ku nsolo. ¹⁹ Omuntu bw'anaaleetanga akamogo ku munne n'amulumya, ekyo ky'akoze ku munne naye kye kinaamukolwangako: ²⁰ obuvune olw'obuvune, eriiso olw'eriiso, erinnyo olw'erinnyo; nga bw'anaabanga alumizza munne, naye bw'atyo bw'anaalumizibwanga. ²¹ Omuntu anattanga ensolo ya munne anaagimuliyiranga, n'oyo anattanga omuntu naye waakuttibwanga. ²² Etteeka lye limu lye linaafuganga omugwira era n'Omuyisirayiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.”

²³ Bw'atyo Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri, ne bafulumya eyavvoola ebweru w'olusiisira ne bamukuba amayinja n'afa. Abaana ba Isirayiri baakola nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

25

Omwaka gwa Ssabbiiti

¹ MUKAMA Katonda yagamba Musa ku lusozi Sinaayi nti, ² “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti bwe mutuukanga mu nsi gye mbawa, ensi yen-nyini eneekuumiranga MUKAMA Katonda ssabbiiti. ³ Okumala emyaka mukaaga ennimo

[‡] **24:16** Erinnya lya MUKAMA Katonda

zammwe munaazisigangamu emmere, era mu myaka egyo omukaaga munaasaliranga emizabbibu gyammwe n'ebibala ne mubikungula. ⁴ Naye mu mwaka ogw'omusantu ettaka ly'ensi eyo linaabanga ne ssabbiiti ey'okuwummula eri MUKAMA Katonda. Temusiganga mmere mu nnimiro zammwe wadde okusalira emizabbibu gyammwe. ⁵ Ebimera ebyekuzizza byokka, ebimererezi, temubikungulanga wadde okunoga ebibala ku mizabbibu gyammwe egitaasalirwa. Omwaka ogwo ettaka ly'ensi linaaguwummuluanga. ⁶ Ebyo byonna ebyokulya ebinaavanga mu ttaka mu mwaka ogwa ssabbiiti yaalyo binaabanga mmere yammwe, mmwe bennyini, n'eri abaddu bammwe abasajja, n'abakazi, era n'abweereza bammwe ab'empeera, n'abagenyi abanaabanga basula mu maka gammwe; ⁷ era n'ente zammwe n'ensolo ez'omu nsiko ezinaabanga ku ttaka lyammwe. Buli ekyokulya ekinaakuliranga ku ttaka eryo kinaabanga mmere.

Omwaka ogw'Okujaguza Jjubiri

⁸ "Munaabaliriranga essabbiiti musantu ez'omu myaka, kwe kugamba nti musantu emirundi emyaka musantu. Bwe kityo ekiseera kyonna ekya ssabbiiti ezo ne kiba emyaka amakumi ana mu mwenda. ⁹ Ekkondeere ery'okujaguza munaalifuuyiranga wonna wonna ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi ogw'omusantu ku Lunaku olw'Okutangirirwa, ekkondeere munaalifuuyiranga mu nsi yammwe yonna. ¹⁰ Munaatukuzanga omwaka ogw'amakumi ataano, era munaalangiriranga ebiseera eby'eddemebe eri abatuuze bonna

mu ggwanga lyammwe. Omwaka ogwo gunaabanga gwa kujaguza gwa Jjubiri* gye muli; buli omu anaddangayo mu kifo kye eky'obwannannyini, era buli omu anaddangayo mu kika kye. ¹¹ Omwaka ogw'amakumi ataano gunaabanga gwa kujaguza gwa Jjubiri gye muli; mu mwaka ogwo temuuusigenga era temuukungulenga bikuze ku bimererezi newaakubadde okukunjaanya ebibala eby'oku mizabbibu egitali misalire. ¹² Kubanga ekiseera ekyo kya kujaguza kya Jjubiri era kinaabanga kitukuvu gye muli; mulyenga ebyo byokka bye munaggyanga mu nnimiro.

¹³ "Mu mwaka ogwo ogw'okujaguza ogwa Jjubiri buli omu anaddangayo mu kifo kye eky'obwannannyini. ¹⁴ Era bwe munaatunzanga bannammwe ekintu kyonna oba bwe munaagulanga ku bannammwe ekintu kyonna, temuseeragananga. ¹⁵ Munnansi munno onoomugulan-gako ng'osinziira ku myaka egyptitawo okuva ku kujaguza ku Jjubiri. Era naye anaakutunzanga ng'asinziira ku myaka egibulayo okutuuka ku makungula g'ebibala. ¹⁶ Emyaka bwe ginaabanga emingi, omuwendo ogulamulwa munaaggwongezanga, naye emyaka bwe ginaabanga emitono munaagukendeezanga, kubanga obungi bw'ebikungulwa, bw'ogula ku mutunzi. ¹⁷ Temuseeragananga; mutyanga Katonda wammwe, kubanga Nze MUKAMA Katonda wammwe.

¹⁸ "Mugonderenga ebiragiyo byange, era

* **25:10** Jjubiri kitegeesa buwangizi

mukwatenga amateeka gange, bwe mutyo munaatuulanga n'emirembe mu nsi yammwe.

¹⁹ Ensi eneebaleeteranga ebibala byayo, ne mulya ne mukkuta ne mutuulamu n'emirembe.

²⁰ Muyinza okubuuza nti, ‘Bwe tutaafigenga era ne tutakungulanga, kale mu mwaka ogw’omusanvu tunaalyanga ki?’ ²¹ Mu mwaka ogw’omukaaga ndibayiwako omukisa gwange ogulireetera ensi yammwe ebibala ebirimala emyaka esatu. ²² Bwe munaabanga musiga mu mwaka ogw’omunaana, munaabanga mulya ku bibala ebikadde bye mwatereka, okutuusa nga mukungudde ebibala eby’omwaka ogw’omwenda. ²³ Ettaka teriitundibwenga kagenderere, kubanga ensi yange; mwe muli bayise era abasuze obusuze. ²⁴ Buli kitundu kya nsi kye munaalyanga, bwe mutundanga ettaka mwerekengawo omwagaanya ogw’okulinunulayo gye mulitunze.

Okununula Ebintu

²⁵ “Munnansi munnamwwe bw’anaayavuwalanga, n’atunda ebimu ku bintu bye, muganda we ow’okumpi mu luganda anaijanga n’anunula ebyo munnansi munne by’atunze. ²⁶ Omuntu bw’anaabanga talina anaabimununulira, naye ye ku bubwe ng’agaggawadde, era ng’afunye obusobozi obw’okubinunula, ²⁷ anaabaliriranga omuwendo gw’ensimbi oguli mu myaka kasookedde abitunda, n’abala n’omuwendo ogugya mu myaka egisigaddeyo okutuuka ku Jjubiri, n’agusasula omuntu gwe yaguza

ebintu ebyo, olwo eyatunda aneddirangayo mu bintu bye. ²⁸ Naye singa alemwa okufuna obusobozi okumusasula, kale ebyo bye yatunda binaasigalanga mu mukono gw'eyabigula nga ye nannyini byo okutuusa mu Mwaka gwa Jjubiri. Binamuddizibwanga mu Jjubiri, era anaayinzanga okweddirayo mu bintu bye.

²⁹ “Omuntu bw'anaatundanga ennyumba esulwamu eri mu kibuga ekyetooloddwa bbugwe, anaayinzanga okuginunula mu mwaka nga tegunaggwaako. Mu bbanga eryo ery'omwaka omulamba mw'anaabeereranga n'obuyinza obw'okuginunula. ³⁰ Ennyumba eyo eri mu kibuga ekyetooloddwa bbugwe bw'eteenunulibwenga mu bbanga ery'omwaka ogumu, kale eneebeereranga ddala y'oyo eyagigula n'ezzadde lye. Eyagitunda teemud-dizibwenga mu Jjubiri. ³¹ Naye amayumba ag'omu bubuga obutono obw'omu byalo obuteetooloddwako bisenge, ganaabalirwanga mu ttuluba lye limu n'ery'ennimiro eziri mu byalo. Ganaanunulibwanga era ne gaddira bannyinigo mu Jjubiri.

³² “Bulijjo Abaleevi banaabanga ba ddembe okununula amayumba gaabwe agali mu bibuga byabwe eby'Abaleevi bye balinako obwannannyini. ³³ Era Omuleevi bw'anaabanga takoze-sezza ddembe lye ery'okununula, kale ennyumba eyatundirwa mu kibuga Abaleevi kye balinako obwannannyini, eneemuddiranga mu Jjubiri; kubanga mu bantu ba Isirayiri ennyumba eziri mu bibuga by'Abaleevi za Baleevi. ³⁴ Naye ennimiro eziri ku ttaka lya wamu

ery'ebibuga byabwe teziitundibwenga; kubanga ezo zaabwe za bwannannyini obw'olubeerera.

Etteeka ery'Okuwola Ensими

³⁵ "Munnansi munnamwe bw'anaayavuwalanga ng'ali wamu nammwe, nga takyasobola kwefunira buyambi, mubeerenga naye nga mumulabirira nga bwe mwandirabiridde omunnaggwanga oba omusuze obusuze ali mu mmwe. ³⁶ Mutyenga Katonda wammwe. Munnamwe temumuggyangako magoba ku kintu kyonna kye munaabanga mumuwoze, bw'atyo munnamwe oyo alyoke abeerenga mu mmwe. ³⁷ Bw'omuwolanga ensimbi azzengawo omuwendo gwennyini gw'omuwoze so tasukkirizangamu. Era bw'omuguzanga emmere tossangamu magoba. ³⁸ Nze MUKAMA Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey'e Misiri okubawa ensi ya Kanani n'okubeera Katonda wammwe.

Okununula Abaddu

³⁹ "Era munnansi munnamwe bw'anaayavuwalanga ng'ali nammwe, ne yeetunda gye muli, temumukozesanga nga muddu. ⁴⁰ Munaamukozesanga ng'omupakasi ow'empeera oba ng'omusuze obusuze, ng'ali nammwe. Anaabaweerezanga okutuusa mu Mwaka gwa Jjubiri. ⁴¹ Kale nno, olwo anaalekebwanga n'addayo ewaabwe, ye n'abaana be, mu kika kye ku butaka bwa bakadde be. ⁴² Kubanga baweereza bange be naggya mu nsi y'e Misiri; tebaatundibwenga ng'abaddu. ⁴³ Temubafugisanga bukambwe,

naye mutyenga Katonda wammwe. ⁴⁴ Abaddu bammwe abasajja n'abaddu bammwe abakazi munaabaggyanga mu mawanga agabeetoolodde, mu mawanga ago mwe muneeguliranga abaddu abasajja n'abaddu abakazi. ⁴⁵ Era munaayinzanga okwegulira ku bannamawanga abali nammwe abasuze obusuze, ne ku baana baabwe abanaazaalirwanga mu nsi yammwe; abo banaabanga nvuma zammwe. ⁴⁶ Munaayinzanga okulaamira batabani bammwe abalibagoberera envuma ezo ng'obusika bwabwe obw'emirembe gyonna. Naye Bayisirayiri bannammwe temubafugisanga bukambwe.

⁴⁷ "Omunnaggwanga oba omusuze obusuze ali nammwe bw'anaagaggawalanga, naye munnansi munnammwé bwe babeera n'ayavuwala, ne yeetunda eri munnaggwanga oba eri omusuze obusuze ali nammwe, oba eri omu ku b'omu luggya lwa munnaggwanga, ⁴⁸ anaayinzanga okununulibwa, ng'amaze okwetunda. Omu ku baganda be anayinzanga okumununula: ⁴⁹ Taata we oba mutabani wa taata we, oba owooluganda omulala ow'okumpi mu buzaale ow'omu kika kye anaayinzanga okumununula. Oba ye bw'anaagaggawalanga anaayinzanga okwenunula. ⁵⁰ Ye n'oli eyamugula bajjanga kubalirira ebbanga okuva mu mwaka gwe yeetundiramu okutuuka ku Mwaka gwa Jjubiri. Omuwendo ogw'okununulibwa guneesigamizibwanga ku muwendo gw'emyaka egibaliriddwa; ebbanga lye yamala n'eyamugula linaager-

aageranyizibwanga n'ebbangaa ery'omupakasi asasulwa empeera. ⁵¹ Mu kubalirira kwabwe bwe kinaazuukanga ng'ekyasiigaddeyo emyaka mingi okutuuka ku Jjubiri, ku muwendoo gwe yeetunda anaasasulangako omuwendo munene olw'okwenunula. ⁵² Naye bw'eneebanga esigaddeyo emyaka mitono, egyo gy'anaabalirirangamu ensimbi zaamu n'asasula ezo nga bwe kyetaagisa olw'okwenunula. ⁵³ Oyo eyagula munne anaamuyisanga ng'omupakasi amukolera mu kupatana okwa buli mwaka. Temulekanga oyo eyagula munne okumutuntuzanga nga nammwe mulaba.

⁵⁴ "Bw'anaabanga tanunulibbwa mu zimu ku ngeri ezo, ye n'abaana be banaanunulibwanga mu Mwaka gwa Jjubiri. ⁵⁵ Kubanga abaana ba Isirayiri bantu bange, abaweeresa bange be naggya mu nsi ey'e Misiri. Nze MUKAMA Katonda wammwe.

26

Emikisa Egiva mu Buwulize

¹ "Temwekoleranga bifaananyi oba okwesimbira ebifaananyi ebyole, oba amayinja ge muyise amatukuvu, era temuteekanga mayinja mawoole mu nsi yammwe okugavuunamiranga. Nze MUKAMA Katonda wammwe. ² Mukwatenga Ssabbiiti zange, era n'ebifo byange ebitukuvu mubissengamu ekitiibwa. Nze MUKAMA Katonda.

³ "Bwe munaakwatanga amateeka gange, ne mugondera ebiragiro byange n'obwegendereza, ⁴ nnaabatonnyesezanga enkuba mu ntuuko zaayo, n'ettaka linaavangamu ebibala byalyo,

n'emit i eg y'om u nnimiro ginaabalanga ebibala byagyo. ⁵ Munaawuulanga okutuusa ku makungula g'emizabbibu, n'okukungula emizabbibu kunaabatuusanga mu biseera eby'okusiga; era munaalyanga emmere yonna nga bwe mwe taaga, ne mubeera mu nsi yammwe nga mulina emirembe.

⁶ "Ndibawa emirembe mu nsi ne mwebaka bulungi, so tewaabengawo anaabatiisatisanga. Ebisolo ebikambwe ndibimalamu mu nsi yammwe, era temuuberengamu ntalo.

⁷ Munaawonderanga abalabe bammwe ne mubatta n'ekitala ne mubawangula. ⁸ Abataano mu mmwe banaagobanga ekikumi, era ekikumi mu mmwe banaagobanga omutwalo ogumu, era munaawangulanga abalabe bammwe n'ekitala.

⁹ "Nnaabassangako omwoyo ne mbawa okuzaala ne mweyongera obungi, era endagaano yange nammwe nnaagitukirizanga.

¹⁰ Munaabanga mukyalya ku makungula ag'omwaka oguyise ne mugafulumya olw'amakungula amaggya. ¹¹ Ekifo kyange eky'okubeeramu nnaakiteekanga mu mmwe, era omutima gwange teguubatamwenga.

¹² Nnaatambuliranga mu mmwe, era nnaabanga Katonda wammwe, nammwe munaabanga bantu bange. ¹³ Nze MUKAMA Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, mulyoke mukome okuba abaddu b'Abamisiri; namenya ebikoligo byammwe ne mbasobozesa okutambula nga mwesimbye.

Ebibonerezo Ebiva mu Bujeemu

¹⁴ “Naye bwe mutampulirenga, ne mutagondera biragiro ebyo byonna, ¹⁵ era bwe munaanyoomoolanga ebiragiro byange ne mukyawa amateeka gange, ne mulemwa okutuukiriza ebiragiro byange ebyo byonna, bwe mutyo ne mutakuumanga ndagaano yange, ¹⁶ kale, kino kye ndibakola: Ndibaleetera entiisa eza mangu ez'embagirawo, n'obulwadde obw'olukonvuba obubalumya akasiiso n'omusujja, ebiribaziba amaaso ne bibakamulamu obulamu. Era muliteganira bwereere okusimba ebibala byammwe, kubanga abalabe bammwe be balibiryा. ¹⁷ Ndibeeffuukira, abalabe bammwe n'okubawangula ne babawan-gula; abo ababakyawa banaabafuganga, ne mudduka n'okudduka so nga tewali abagoba. ¹⁸ Oluvannyuma lw'ebyo byonna okubatuukako, era bwe mutanjonderenga, kale ndyongera okubabonereza okusingawo emirundi musanvu, olw'ebibi byammwe. ¹⁹ Amalala gammwe n'emputtu ndibibaggyamu, eggulu ne likakanyala ng'ekyuma, n'ettaka ne likaluba ng'ekikomo. ²⁰ Amaanyi gammwe ganaaabafanga busa, kubanga ettaka lyammwe teriivengamu mmere yaalyo, wadde emitieg'y'omu nsi yammwe okubala ebibala byagyo.

²¹ “Era bwe muneeyongeranga okutambulira mu makubo ge sikkiriza, ne mugaana okumpulira, ndyongera okubaleetako endwadde nnyingi nga za mirundi musanvu ng'ebibi byammwe bwe byenkana. ²² Era ndibasindikira ensolo ez'omu nsiko, ezinaalyanga abaana

bammwe, ne zizikiriza ente zammwe n'omuwendo gwammwe ne gukendeera, nga n'enguudo zammwe tewakyali azitambuliramu.

²³ “Era okukangavvula okwo bwe kutaabakyusenga kudda gye ndi, naye ne mweyongera okujeema, ²⁴ kale, nange ndibalaga obukambwe, era nze kennyini ndibeebonerereza emirundi musanvu olw'ebyonoono byammwe. ²⁵ Era nnaabaleeteranga entalo okwesasuza olw'okumenya endagaano. Bwe muneekunjaanyizanga mu bibuga byammwe, nnaabaleeteranga endwadde enkambwe, era n'abalabe bammwe banaabawangulanga. ²⁶ Bwe ndikendeeza ku bungi bw'emmere yammwe, olwo abakazi ekkumi banaabafumbiranga emmere yammwe mu ntamu emu, era buli omu banaamupimirangako akatole katono. Munaalyanga, naye temukkutenga.

²⁷ “N'ebyo byonna bwe binaalemanga okukyusa emitima gyammwe okumpulira, naye ne mweyongera okunjeemeranga; ²⁸ nange nnaabasunguwaliranga, nze kennyini ne mbeebonеререza emirundi musanvu olw'ebibi byammwe. ²⁹ Mulirya batabantu bammwe ne bawala bammwe. ³⁰ Ndizikiriza ebyoto bya bakatonda bammwe, ne ntumaemirambogyammwe ku mirambo gya bakatonda abalala; era ndibakyawa. ³¹ Ebibuga byammwe binaasigaliranga awo tayo, n'ebifo byammwe ebitukuvu nga tebirriko abifaako, era n'akaloosa akava mu biweebwayo

byammwe tekansanyusenga. ³² Ensi yammwe ndigifuula ddungu n'abalabe bammwe abanaagibeerangamu ne bagyewuunya. ³³ Ndibasaasaanyiza mu mawanga ne mbagobereza ekitala kyange. Ensi yammwe erifuuka amalungu n'ebibuga byammwe nga bimenyeddwa. ³⁴ Awo ettaka ne liryoka lifuna emyaka egya ssabbiiti zaalyo mu bbanga eryo lye lirimala nga tewali alifaako, nga mmwe muli mu nsi z'abalabe bammwe; ettaka ne liwummulako ne lyeyagalira mu ssabbiiti zaalyo ezo. ³⁵ Ebbanga eryo lyonna ettaka lye lirimala nga tewali kikolerwako, liriba n'okuwummula kwe litaafuna mu ssabbiiti ezaayita bwe mwali nga mmwe mulibeerako.

³⁶ "Mu mmwe, abaliba basigaddewo nga bakyali balamu, nditeeka okutya mu mitima gyabwe nga bali eyo mu nsi z'abalabe baabwe, nga n'eddoboозi ly'akakoola k'omuti akafumuulibwa n'empewo kabatiisa. Banaddukanga ng'abaliko abalabe ab'ebitala ababagoba, banaagwanga newaakubadde nga tewaabbeerengawo babawondera. ³⁷ Banaagwanjanangako ng'abadduka okwewonya omulabe ow'ekitala newaakubadde nga tewaabengawo babawondera. Bwe mutyo temuuusobolenga kwolekera balabe bammwe. ³⁸ Mulisaanawo mu mawanga; ensi z'abalabe bammwe ziribamira. ³⁹ N'abo ku mmwe abanaabanga basigaddewo banaakoozimbiranga mu nsi z'abalabe bammwe olw'ebibi byabwe, era balikoozimba n'olw'ebibi bya baki-taabwe.

Okuzza Obuggya Endagaano

⁴⁰ “Naye bwe baneenenyanga ebibi byabwe n’ebyonoono bya bakitaabwe n’obunnanfuusi bwabwe gye ndi n’obujeemu bwabwe, ⁴¹ ebyandeetera okubalaga obukambwe ne mbasindika ne mu nsi z’abalabe baabwe, era amalala g’emิตima gyabwe egitali mikomole bwe galikkakkana ne bakkiriza okukola ebonerezo olw’ebyonoono byabwe, ⁴² kale ndijjukira endagaano yange ne Yakobo, ne nzijukira endagaano yange ne Isaaka n’endagaano yange ne Ibulayimu, era ndijjukira n’ensi yaabwe. ⁴³ Naye ensi banaabanga bagivuddemu n’efuna ssabbiiti zaayo kubanga abaagibeerangamu tebakyagirimu. Banaabonerezewanga olw’ebibi byabwe kubanga baanyoomoolanga amateeka gange ne batagondera biragiro byange. ⁴⁴ Newaakubadde ng’ebyo biriba bwe bityo, bwe banaabanga mu nsi z’abalabe baabwe, siibeggyengako wadde okubakyawanga n’okumenyawo ne mmenyerawo ddala endagaano yange gye nalagaana nabo; kubanga Nze MUKAMA Katonda waabwe. ⁴⁵ Naye ku lwabwe, najjukiranga endagaano gye nalagaana ne bajajjaabwe, be naggya mu nsi ey’e Misiri nga n’amawanga gonna galaba ndyoke mbeere Katonda waabwe. Nze MUKAMA.”

⁴⁶ Ago ge mateeka n’ebiragiro n’amateeka amakulu MUKAMA ge yakolera abaana ba Isirayiri, nga bwe yalagira Musa, ku lusozi Sinaayi.

Obweyamo eri MUKAMA

¹ Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,
² "Yogera eri abaana ba Isirayiri obagambe
 nti: Omuntu bw'anaakolanga obweyamo
 obw'enjawulo obw'okuwaayo abantu eri
 MUKAMA naye ng'asasulayo miwendo
 egibagyamu, onoobasaliranga bw'oti: ³ omusajja
 aweza emyaka egy'obukulu egiri wakati
 w'amakumi abiri n'enkaaga anaaleetanga
 sekeli za ffeeza amakumi ataano*, nga
 sekeli z'omu watukuvu bwe ziba, ⁴ naye
 bw'anaabanga omukazi onoomusaliranga
 sekeli amakumi asatu†. ⁵ Omuntu aweza
 emyaka egy'obukulu egiri wakati w'ettaano
 n'amakumi abiri, bw'anaabanga omusajja
 onoomusaliranga sekeli amakumi abiri‡ naye
 omukazi sekeli kkumi§. ⁶ Bw'anaabanga
 omwana ng'ali wakati w'omwezi gumu
 n'emyaka etaano, onoomusaliranga sekeli
 ttaano* eza ffeeza nga mulenzi, naye omuwala
 sekeli za ffeeza ssatu†. ⁷ Omuntu bw'anaabanga
 ow'emyaka egy'obukulu nkaaga n'okusingawo,
 omusajja onoomusaliranga sekeli kkumi na
 ttaano‡ n'omukazi sekeli kkumi. ⁸ Omuntu
 eyakola obweyamo bw'anaabanga omwavyu

* **27:3** sekeli za ffeeza amakumi ataano ze gulaamu lukaaga
 † **27:4** sekeli amakumi asatu ze gulaamu ebikumi bisatu ‡ **27:5**

sekeli amakumi abiri ze gulaamu ebikumi bibiri § **27:5** sekeli
 kkumi ze gulaamu kikumi mu kkumi * **27:6** sekeli ttaano ze
 gulaamu amakumi ataano mu ttaano † **27:6** sekeli za ffeeza
 ssatu ze gulaamu amakumi asatu mu ttaano ‡ **27:7** sekeli
 kkumi na ttaano ze gulaamu kikumi mu nsanvu

ennyo atasobola kuleeta miwendo egyo gye wamusalira, anaayanjulwanga eri kabona; kale kabona anaamusaliranga omuwendo ogumugyamu ng'ageraageranya obusobozi bw'oyo eyeyama nga bwe bunaabanga.

Obweyamo Obukwata ku Bisolo

⁹ “Obweyamo bw’omuntu bwe bunaabeeranga obw’ekisolo ekikkirizibwa ng’ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda, ekisolo ng’ekyo ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda kinaabanga kitukuvu. ¹⁰ Tasaaniranga kukikyusaamu oba kukiwaanyisaamu ekibi mu kirungi wadde ekirungi mu kibi; bw’anaabanga awaanyisizza ekisolo ekimu mu kirala, byombi kino na kiri ky’awanyisizzaamu binaafuukanga bitukuvu. ¹¹ Ensolo omuntu gy’anaabanga yeeyamye bw’eneebanga etali nnongoofu§, etakkirizibwa ng’ekiweebwayo eri MUKAMA Katonda, ensolo eyo esaanira okuleetebwanga eri kabona, ¹² ye alyokenga asalewo nga bw’eri, oba nnungi oba mbi. Omuwendo kabona gw’anaabaliriranga ku nsolo eyo, gwe gunaawebwangayo. ¹³ Nannyini nsolo bw’anaabanga ayagala okuginunulayo, anaasaniranga okugattako ekitundu ekimu ekyokutaano ku muwendo gwayo.

Obweyamo Obukwata ku Nnyumba ne ku Ttaka

¹⁴ “Omusalija bw’anaawangayo ennyumba ye okubeera entukuvu eri MUKAMA Katonda kabona anaagirabiranga omuwendo ogugigyamu,

§ **27:11** etali nnongoofu ensolo nga ejnamira, embalaasi, oba endogoyi

oba nnungi oba mbi. Omuwendo ogwo kabona gw'anaasalanga gwe gunaakolanga.
15 Oyo anaawangayo ennyumba ye eri MUKAMA bw'anaabanga ayagala okuginunula, anaayongerangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwayo, olwo ng'ennyumba emuddira.

16 "Omusajja bw'anaawangayo ekitundu ky'ettaka lye, lye yasikira, eri MUKAMA Katonda, omuwendo oguligaymu gunaabalarirwanga nga gwasigamizibwa ku bungi bw'ensigo ezeetaagibwa okusiga ku ttaka eryo ne ziggweerako; ensigo za sayiri ezipimibwamu oma zinaabalirirwangamu sekeri* za ffeeza amakumi ataano. **17** Singa ennimiro ye, agiwaayo mu biseera by'Omwaka gwa Jjubiri, omuwendo ogubaliriddwa gunaasigalanga nga bwe guli. **18** Naye bw'anaawangayo ennimiro ye nga Jjubiri eweddeko, kabona anagibalirirangamu omuwendo ng'agwasigamya ku myaka eginaabanga gibulayo Omwaka gwa Jjubiri eddirira gulyoke gutandike, n'omuwendo ogwali gubaliriddwa gunaakendeezebwangako. **19** Era oyo anaabanga awaddeyo ennimiro ye bw'anaayagalanga okuginunula, kale anaagattangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwayo, olwo ennimiro n'emuddira. **20** Naye bw'anaabanga tayagala kununula nnimiro eyo, oba bw'anaabanga agiguzizza omuntu omulala, kale ng'olwo tekyanunulibwa

* **27:16** sekeri yekanankana gulamu kkumi n'emu n'ekitundu

n'akamu. ²¹ Naye mu Mwaka gwa Jjubiri ennimiro eyo bw'eneeteebwanga, eneebanga ntukuvu, ng'ennimiro eyawongebwa ewa MUKAMA; eneebanga ya kabona.

²² "Omusajja bw'anaawangayo eri MUKAMA Katonda ennimiro gye yagula, etali ku ttaka lye ery'obwannannyini, ²³ kabona anaabaliriranga omuwendo ogugigiyamu okutuuka ku mwaka gwa Jjubiri, omusajja anaasasulanga omuwendo ogwo ku lunaku olwo ng'ekintu ekitukuvu eri MUKAMA Katonda. ²⁴ Mu mwaka gwa Jjubiri, ennimiro eneddizibwanga oyo gwe yagigulako, nga y'oyo eyali nannyini ttaka. ²⁵ Buli muwendo ogubalirirwa guneesigamizibwanga ku sekeri z'Awatukuvu, nga gera[†] amakumi abiri zivaamu sekeri emu.

Ebantu Ebiwonge

²⁶ "Tewabanga awaayo omwana gw'ensolo omubereberye eri MUKAMA, kubanga abaana b'ensolo ababereberye bonne ba MUKAMA, oba nte oba ndiga zonna za MUKAMA Katonda. ²⁷ Bw'anaabanga awaddeyo emu ku nsolo ezitali nnongoofu, anagisasuliranga omuwendo gwayo ogwagibalirirwamu, ng'agattako ekitundu kimu kyakutaano eky'omuwendo gwayo. Bw'ataaginunulengayo eneetundwanga omuwendo ogwagibalirirwamu.

²⁸ "Naye omuntu yenna bw'anaamalanga okuwongera MUKAMA Katonda ku bintu bye by'anaabanga nabyo, gamba oba muntu oba kisolo oba ennimiro ye gye

[†] 27:25 gera yankanankana gulaamu lukaaga

yasikira, tewaabengawo ku bintu ebyo bitundibwa oba okununulibwa; buli kintu ekiwongere ddala mu ngeri eyo kinaabanga kitukuvu nnyo eri MUKAMA Katonda.
²⁹ Omuntu eyawongebwa nga wa kuttibwa, taanunulibwenga kinaamusaaniranga kuttibwa.

Okununula Ebitundu Eby'ekkumi

³⁰ “Buli kitundu eky'ekkumi ekiva mu nsi, gamba ku mmere ey'empeke eva mu ttaka, oba ku bibala ebiva ku miti, kya MUKAMA Katonda, era kitukuvu eri MUKAMA Katonda. ³¹ Omuntu anaayagalanga okununula ku bitundu bye eby'ekkumi, anaagatangako ekitundu kimu kyakutaano ku muwendo gwakyo. ³² Ebitundu eby'ekkumi byonna ebyamagana g'ente n'eb'yebisibo by'endiga, kwe kugamba nti buli nsolo omusumba gy'anaabalanga nga ya kkumi, eneebangaa ntukuvu eri MUKAMA Katonda. ³³ Tasaaniranga kulondamu nnungi ng'alekawo embi, oba okuwaanyisa. Bw'anaawaanyisanga ng'olwo ensolo zombi, eri n'eno ewanyisizibbwaa zinaafuukanga ntukuvu teziinunulibwenga.”

³⁴ Ago ge mateeka MUKAMA Katonda ge yawa Musa ku lusozi Sinaayi agategeeze abaana ba Isirayiri.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™
Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553